# Lwaki Yalina Kuba Musumba

Tucson, Arizona, USA

Desemba 21, 1964

1 ...Ndowooza, ndi mubuulizi alwawo okutuuka ku nsonga ng'ayogera. Ate engeri gye sirina buyigirize, N-Nteebereza nti siwulikika kuba mubuulizi eri abantu abamu. Era no-n'okweyita sseeyita nti ndi mubuulizi, Ndi awo omupiira agwakiyambi. Wabula ate nkiwulira muli nti nnina Obubaka obuva eri Katonda, nti mu ngeri yange (era engeri yokka gye nnina okubwanjulamu), gye ngezaako okubwanjula eri ensi. Ate singa sisigala n'Obubaka obwo, olwo nandibadde omuntu ow'enkwe eri Katonda era omunnanfuusi gye muli. Omuntu ayogera ekintu ekimu ate n'akkiriza ekirala, obwo buba bunnanfuusi. Buli kiseera, tulina kwogera mazima okuva mu mutima gwaffe. Era singa abantu batutunuulira, newankubadde nga tebakkaanya naffe, ffe twagala okuba abasajja n'abakazi ab'ekitiibwa; aboogera okuva mu ntobo y'omutima gwabwe, ebyo ebituufu ebiri mu mutima gwaffe.

2 Omwaka oguwedde, oba guli oguddako emabega, nalina omukisa ogw'okwogera ku-ku Bukristaayo...oba munsonyiweko, obubaka bwa Ssekukkulu, wano kifo ekiyitibwa Ramada. Era nzikiriza nnayogera ku ky'okuyigako, oba kyali wano oba e Phoenix, nga kyali: *Lwaki Besirekemu Ekitono?* Ate era nzikiriza nti nnali wano, omwaka oguwedde, lwe nnayogera ku: *Tulabye Emmunyeenye Ye Ebuvanjuba era Tuzze Okumusinza.*

Era, nga bwe mukimanyi, tusoma Baibuli, ne twebuuza, ebibuuzo ebyo nti "Lwaki?" Era ekiro kya leero nnalowozezza, singa munaaba musobodde okuŋŋumiikirizaako akaseera, ne musabira awamu nange, nja kugezaako okuleeta Obubaka bwange obwa Ssekukkulu. Katonda Yekka Y'Amanyi wa we tulibeera ku Ssekukkulu eddako, bwe waba nga walibaawo ne Ssekukkulu eriddako ku eno. Kale olw'okuba ng'eno eyinza okuba Ssekukkulu esemba okutuula awamu, okutuusa lwe tunaatuula ku mmeeza endala. Ate Eyo tejja kuba mmeeza ng'eno, naye ejja kuba lwe tulirya era nga tunywa okussa ekimu nate wamu na Ye, mu Bwakabaka bwa Kitaffe ku nkomerero y'oluguudo. N'olwekyo, leka tubusemberere ekiro kya leero mu ngeri nti buno bwandiba Obubaka bwa Ssekukkulu obusembayo bwe tusobola okutuula awamu, tukikole mu bwesimbu obukyasinzeeyo

3 Njagala okwogera ekiro kya leero ku ky'okuyigako ekitali kya bulijjo, wabula ate ebiseera ebimu osanga Katonda mu kintu ekitali kya bulijjo. Akola ebintu mu ngeri etali ya bulijjo . Si mu ngeri eya bulijjo, wabula etali ya bulijjo, mu biseera ebitali bya bulijjo, mu bifo ebitali bya bulijjo, Ye si wa bulijjo. Era njagala kino...Mukama Ng'Ayagadde, Njagala kwogera ku ky'okuyigako ekya: *Lwaki Yalina Kuba Musumba.*

Era kati nga tetunnaba kugenda mu Kigambo, Ekyo kye nzikiriza nti Ye Katonda, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo yafuuka omubiri n'Abeerako gye tuli."

4 Nga bwe nnayogera, wiiki eyise, oba kale wiiki eddako emabega ku eyo e Phoenix nti, "Kyakakasibwa dda nti waliwo abantu, b'okunsi kuno, abali mu kuyitawo mu kizimbe kino kati." Omukutu gwa Terefayina gukikakasa ekyo okuba ekituufu. Kiri mu muntendera omulala, amaaso gaffe gano ag'obuntu n'obusimu obutaano obw'emibiri gyaffe tebusobola kukikwatako.Tekiri nti omukutu gwa terefayina gulina kye gugunjawo, gukola bukozi nga mukutu. Toyinza kunyeenya lugalo lwo, toyinza kutemya eriiso lyo, okuggyako okuba nti waliwo obukakafu nti kyakwatibwa ku lutambi olw'olubeerera. Nnyinza okuba nga nnyimiridde...Oba omusajja mu Australia, ayinza okuba ne-ne ttivvi wano, si ekyo kyokka naye o-omusajja oyo ayinza okwogera, n'anyeenya olugalo lwe, n'atemya n'eriiso lye, era ne langi y'engoye z'ayambadde, bijja kulabisibwa waggulu wano ku kisenge kino; ng'ate ye ali mu Africa, Australia, oba wonna wonna ku nsi. Mukiraba, waliwo okuweereza nga bw'okomyawo ebifaananyi okuyita mu mikutu gy'empewo egiri mu bbanga. Sisobola kukinnyonnyola. N'olwekyo Omukutu gwa terefayina gusobola okusika ekintu ne gukifuula ekyannamaddala nga gukozesa ebyuma, ne basobola okukikasuka n'okulabika ne kirabika ku kisenge.

5 Kaakati, ekintu ekyo kyennyini kyaliwo Adamu lwe Yali ku nsi. Omukutu gwa terefayina gwaliwo ne-ne Eriya lwe yatuula ku lusozi Kalumeeri. Gwaliwo Martin Luther, kabona oli omuto, lwe yakasuka wansi ebikozesebwa mu kusembera n'agamba nti, "kano kagaati! Naye omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza." Yaliwo mu kiseera ekyo, naye ffe tukizuula buzuuzi kaakano. Ate era bw'ekityo bwe kiri, nti na wano we tuli ekiro kya leero Katonda waali, ne Bamalayika, n'ebiramu eby'ekikula ky'Obwakatonda ebitalabika n'eri akasimu kaffe akaabulijjo ak'okulaba. Naye olumu kijja kuba eky'obuliwo ekyannamaddala ng'omukutu gwa terefayina bwe guli kati, era nga kya bulijjo. Kati, eyo ye nsonga lwaki nzikiriza Ekigambo.

Yesu kye Yayogera nti, "Omuntu yenna bw'ayongerako Ekigambo kimu ku Baibuli eno, oba n'atoolako Ekigambo kimu kyokka ku Yo, omugabo gwe guliggibwa mu Kitabo eky'Obulamu."

6 N'olwekyo, leka tukoteke ku mitwe gyaffe, nga tetunnaba na kugisoma. Kya bwesimbu ddala! Omuntu yenna alina amaanyi ag'omubiri asobola okubikkula olupapula, naye Katonda yekka y'Ayinza okugibikkula.

Ng'emitwe gyaffe tugikotese kaakano okugyolekeza enfuufu mwe twaggibwa, omwo mwe tulidda,

neebuuza...Mu kaseera kano ak'obunkenke, nga tusemberera Ssekukkulu, bwe wabaawo wano abawulira ddala nti temugwanidde ng'era mwandyagadde okujjukirwa mu kusaba kuno, muyinza (nga temusitudde mitwe gyammwe) muwanike buwanisi mikono gyammwe eri Katonda mwogere nti, "Nzijukira, Mukama, Ssekukkulu eno"? Katonda Abawe omukisa.

7 Kitaffe ow'omu Ggulu ow'Ekisa era Asinga Obutukuvu, Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, Oyo Eyali ku ntandikwa, nga tewannabaawo mmunyeenye, oba akasirikitu, oba akatundutundu akasingayo obutono ku kintu kyonna. Wakola ebintu byonna okuyita mu Yesu Kristo Omwana Wo, era Otuwadde buwa ebintu byonna mu Ye. Tukwebaza, ekiro kya leero, Mukama, Olw'omukisa guno gw'Otuwadde okukuŋŋaanira awamu, okusobola okulabulwa n'okubuulirirwa Omwoyo Omutukuvu. Ate Omwoyo Omutukuvu Akwata Ebigambo Byo n'Abitubikkulira, kubanga Yesu Yayogera nti, "Omwoyo w'Amazima bwalijja , Alibajjukiza ebintu bino bye Njogedde era Alibalaga ebyo ebigenda okujja."

Ai Katonda, tewali n'omu mu makkati gaffe, newankubadde ku nsi, agwanidde okuvvuunula Ekigambo Kyo, kubanga Kyawandiikibwa nti, "Ekigambo kya Katonda si kya muntu ssekinnoomu okukyevvuunulira ku bubwe ye." Bwe tutyo, Mukama, tusaba ekiro kya leero Omwoyo Omutukuvu Atuwe, buli muntu yenna, ekigera kye twetaaga okumatiza enjala ey'okweyongera okukusemberera eri mu mutima gwaffe. Tetusaanidde, tetuli balongoofu, era tetugwanidde. Leka Omwana Oyo Eyazaalibwa e Besirekemu, Eyatambulira mu bulamu obukyasinzeeyo okuba obutuukirivu, era Omuntu Yekka Atuukiridde eyali abadde ku nsi, Eyeewaayo ng'Omutango Alyoke Atutukuze ffe aboonoonyi abatali balongoofu asobole okututeeka mu kutabagana ne Kitaffe, Ganya ekiro kya leero Omwoyo We Omutukuvu (okuyita mu kubuulira kw'Ekigambo) Akitukolere ekyo.

8 Mukama Katonda, abalwadde bangi mu nsi olwaleero, wakati w'okuba n'eddagala elikyasinzeeyo obulungi eryali likozeseddwa mu kujjanjaba, eddagala erisingayo obulungi n'amalwaliro agasingayo obulungi. Ate era wakati w'okuvumbula okw'ekitalo mu bya ssaayansi, endwadde nnyingi ensi z'etemanyangako zeeyongera bweyongezi, lwakuba nti ekibi n'obutakkiriza nabyo byeyongera bweyongezi okusinga ku ekyo ensi ky'emanyi. Tuyambe ekiro kya leero, ggwe Omusawo Omukulu, era Owonye abalwadde abali mu makkati gaffe.

Era Otuwe Omwoyo, Omwoyo Ogwannamaddala eri Ssekukkulu. Ng'olwa leero...abantu bali mu mikolo gy'obukaafiiri, okusinza kw'emiti gya Ssekukkulu, ebyafaayo ebiyiiye e-eby'omusajja ayitibwa Santa Claus, era n'eby'obumyu bwa Paasika, n'emisono emingi ensi ey'ebyobusuubuzi byetaddeko essira, bisuulibwe ebbali, Ai Katonda. Tusobozese okuyingira mu Kristo Ekigambo, era ekyo tukisabye mu Linnya Lye era ku lw'ekitiibwa Kye. Amiina.

9 Nsaba mukyukireko wamu nange mu kusoma Ebiwandiiko Ebitukuvu, Omutukuvu Lukka, essuula Ey'okubiri. Mumpulira bulungi?

Mulimu Okukyukakyuka kw'amaloboozi mu mizindaalo? Mumpulira bulungi emabega eyo? Bwe muba bwe mutyo, muwanike ku mikono gyammwe. Mwebale. Essuula ey'okubiri ey'Enjiri okusinziira ku Omutukuvu Lukka:

*Awo olwatuuka mu nnaku ezo etteeka ne liva eri Kayisaali Augusito ab'ensi zonna okuwandiikibwa.*

*(Okwo kwe kuwandiikibwa okwasooka okubaawo...bwe yali nga y'afuga Obusuuli.)*

*Bonna ne bagenda okwewandiisa, buli muntu mu kibuga kyabo.*

*Ne Yusufu n'ava e Nazaaleesi, mu kibuga eky'e Ggaliraaya, n'ayambuka e Buyudaaya,... mu kibuga kya Dawudi, ekiyitibwa Besirekemu; (kubanga yali wa mu nnyumba era wa mu kika kya Dawudi:)*

*Yeewandiike ne Malyamu Mukazi we gwe yali ayogereza, ng'ali lubuto.*

*Awo olwatuuka baali bali eyo, ennaku ze ez'okuzaala ne zituuka.*

*N'azaala omwana we ow'obulenzi omubereberye; n'amubikka mu ngoye ez'obwana obuwere n'amuzazika mu kisibo, kubanga tebaalaba bbanga mu kisulo ky'abagenyi.*

*Waaliwo abasumba mu nsi eyo abaatuulanga ku ttale, nga bakuuma ebisibo kyabwe ekiro mu mpalo.*

*Awo, malayika wa Mukama n'ayimirira we baali, n'ekitiibwa kya Mukama ne kibeetooloola nga kimasamasa, ne batya nnyo.*

*Malayika n'abagamba nti, Temutya: kubanga, laba, mbaleetera...ebigambo ebirungi eby'essanyu eringi eririba eri abantu bonna:*

*Kubanga leero azaaliddwa gye muli Omulokozi, mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe.*

*Kano ke kabonero gye muli; munaalaba omwana omuwere ng'abikkiddwa mu ngoye ez'obwana obuwere ng'azazikiddwa mu kisibo.*

*Awo amangu ago ne wabaawo...Awo amangu ago...ne wabaawo ne malayika oyo bangi...ab'omu ggye ery'omu ggulu nga batendereza Katonda, nga bagamba nti,*

*Ekitiibwa kibe eri Katonda waggulu ennyo; Ne mu nsi, emirembe gibe mu bantu, abasiimibwa.*

*Awo olwatuuka, bamalayika bwe baava we baali okugenda mu ggulu, abasumba ne bagambagana nti Kale tugende e Besirekemu, tulabe ekigambo kino ekibaddeyo, Mukama ky'atutegeezezza.*

*Ne bajja mangu, ne balaba Malyamu, ne Yusufu, n'omwana omuwere ng'azazikiddwa mu kisibo.*

*Awo bwe baalaba, ne bategeeza ekigambo kye baabuulirwa ku mwana oyo.*

*Bonna abaawulira ne beewuunya ebyo abasumba bye baababuulira.*

*Naye Malyamu ne yeekuumanga ebigambo ebyo byonna, ng'abirowooza mu mutima gwe.*

*Awo abasumba ne baddayo, nga bagulumiza nga batendereza Katonda olw'ebigambo byonna bye baawulira, bye baalaba, nga bwe baabuulirwa.*

*Mukama Ayongere emikisa Gye ku kusoma kw'Ekigamb*o *Kye.*

10 Kaakati, kiri...Lwaki omukolo guno omukulu gwabikkulirwa Basumba? Ekyo ky'ekintu kye tulina okwewuunya. Nnina Ebyawandiikibwa ebiwandiikiddwa wano, era n'ebigambo ebirala bye mpandiise bye nja okuyitamu, nga mbannyonnyola ensonga lwaki, okusinziira ku ekyo kye mmanyi.

Era olwo nga tumalirizza, ekiro kya leero, Mukama olw'ekisa Kye, an'Atuggyako ebibuuzo ebigamba nti lwaki byonna. Naye... Abasinga obungi ku ffe, ndowooza, mu ngeri emu oba endala waali wabaddewo ekiseera lwe twewuunya lwaki omukolo ogukyasinzeeyo obukulu mu byafaayo gwabikkulirwa basumba. Lwaki Gwabikkulirwa basumba mu kifo ky'abasomi be ddiini ab'olunaku olwo? Be baali baatendekebwa okukiwulira. Era lwaki kyajja ne kiyita ku bagagga, ne kijja eri abaavu? At era, lwaki kyayita ku baalina obuyigirize n'abagezi, ne kijja eri abeetoowaze era abataalina buyigirize? Mulimu okwebuuza okutono nti lwaki mu nsonga eno.

11 Ensonga endala gye nnyinza okwogera, mwetegereze, omwana ono yazaalibwa Besirekemu. Ng'ate Besirekemu mu kutaputa olulimi olw'Ebbulaniya, nga bwe twakiraba wano emyaka mitono egiyise, *Besirekemu* kitegeeza "Ennyumba y'Emmere ya Katonda." Era twakakasa okuyita mu Byawandiikibwa nti, Yali tasobola kujjira mu kifo kirala kyonna.

Besirekemu kyatandikibwawo Lakabu ne bba-bba. Lakabu yali omukazi omwenzi omuduumizi w'eggye omu gwe yayogereza, ng'ava mu-mu ggye lya Isiraeri, oluvannyuma lw'okuwamba Yeriko. Era Olw'okukkiriza yakkiriza Obubaka bwa Katonda, mu mbeera gye yalimu, bw'atyo n'alokolebwa. Era okuva awo, Yoswa bwe yali abagabanyizaamu amataka buli omu gye yali agenda okubeera,...

12 Awo waliwo eky'okuyigako ekikulu olumu kye nsuubira okuleeta okwogerako e Tucson, ekya ba maama abo Abaebbulaniya bwe baazaalanga abaana abo. Bwe yasindanga ng'alumwa ebisa by'okuzaala omwana oyo, yatuumanga omwana erinnya era eryo ne limuteeka mu kifo kye mu nsi ensuubize, ekika kye. Ekintu ekikulu, Ekigambo kya Katonda kyonna kigombagana bulungi nnyo ddala. Bwe kiba nga tekikwatagana, Ekigambo kya Katonda si kye Kitakwatagana, birowoozo byo bye bitakwatagana nakyo. Kyo kikwatagana bulungi ddala.

13 Bw'ekityo, nno, Yali Mmere y'Obulamu, nga bwe twakiyigirizaako wiiki ewedde e Phoenix, oba wiiki eddako emabega ku eyo. Era Olw'okuba ye Mmere ey'Obulamu, Yali tasobola kujjira mu kifo kirala kyonna okuggyako mu "*Nnyumba y'Emmere ya Katonda.*" Era eyo ye yali ensonga lwaki. Kati, wano, Yesu Yazaalibwa e Besirekemu, era e Besirekemu waaliyo ekkuŋŋaaniro lya bannaddiini, abakulembeze abakulu ab'eddiini baabeeranga Besirekemu. Dawudi omusumba-kabaka omukulu naye yazaalibwa Besirekemu, kitaawe Yese naye yazaalibwa Besirekemu, Jjajja we Obedi yazaalibwa Besirekemu. Era bw'oddayo emabega yonna, yava Besirekemu.

Era wano, Yesu Omwana wa Dawudi Azaalibwa e Besirekemu, ku muliraano gw'amakanisa lutikko. Kati olwo abantu abo bwe baba nga baali baatendekebwa, era nga baalindirira Masiya okumala emyaka egyo gyonna; emyaka enkumi nnya, Masiya gye yalagulwa okujjiramu. Kati ate Masiya bw'Aba nga yazaalibwa ku muliraano gw'ekkanisa lutikko, lwaki baalina kugenda eri ewala engulu mu nsozi eri akabinja k'abasumba abataali bayigirize era abataali batendeke okuleeta Obubaka obukulu, era Obubaka obwasooka okujja. Era Ne batuma basumba! Si bali abagezigezi n'abatendeke, naye abasumba. Kale kyewuunyisa, si bwe kiri? Naye walina okubaawo ekibuuza nti lwaki...Bwe wabaawo ekibuuzibwa nti lwaki, walina okubaawo eky'okuddibwamu lwaki bwe kityo! Ate tewali muntu amanyi eky'okuddibwamu ekyo okuggyako Katonda. Ye yekka Amanyi eky'okuddibwamu ekyo.

14 Kaakati, jjukira, Masiya yali yatuuka dda mu kibuga, nga yazaalibwa mu kibuga, mu kisibo; awo okumpi n'amakanisa lutikko kabona omukulu mwe yali...era bakabona abakulu, n'abaasoma eby'eddiini,

n'abagezigezi, n'abatendeke, bonna baali omwo nga balindirira Masiya. Ate Yali awo wennyini, mu makkati gaabwe! Naye ate lwaki baagenda eri...ebweru mu nsozi z'Ebuyudaaya eri abataali bayigirize, abataali batendeke, abataali bagunjufu, abaali basingayo obwavu? Kyalabika ng'omuntu asingayo obutagwanira mulimu ogwo, okubabikkulira Obubaka, ate era n'okubatuma ebweru eyo okuleeta Obubaka.

Mumanyi endowooza yange ku kyo? Eyinza obutabeera nkulu, naye njagala mbawe endowooza yange: Nzikiriza kyali kityo olw'Amagezi ga Katonda, nga Yakimanya nti tebandisobodde kwaniriza Bubaka bwe butyo mu engeri gye Bwajja. Tebwaali ku ddaala ery'okuyigirizibwa kwabwe. Bwali bwa njawulo. Tebwaali ekyo kye baali baatendekebwa okukkiriza naddala kye Yalina okuba. Kyali kikontana n'okutegeera kw'enjigiriza yabwe ey'ekinnaddiini. Okutendekebwa kwabwe kwonna, okuyigirizibwa kwabwe kwonna kwayitibwa ebbali, ne kuba butaliimu. Nzikiriza gaali magezi ga Katonda Eyakimanya nti tebandisobodde kwaniriza Bubaka bwe butyo.

15 Kale Masiya Yali wano, ate nga waalina okubaawo omuntu gwe Kibikkulirwa. Era Yali Amanyi abo abateetaba mu bintu bwe bityo. Kyali kimwanguyira okuleeta Obubaka Bwe eri ekibinja ekitaasoma, okusinga bwe Yandibuleetedde abo abeetabudetabudde mu nkola zaabwe ezaabaletera okuba abakakanyavu, nga teri kiyinza kubakyusa yadde Ekigambo kya Katonda.

Kaakati, mukwano gwange Omukristaayo, Leka mbuuze ekibuuzo kino, n'obwesimbu n'okwagala kwonna. Simanyi oba nga bw'Akola ekintu ky'ekimu ekiro kya leero, n'Atuma gye tuli mu mulembe guno Ekigambo ekisuubize Ekyo ekyasuubizibwa eri omulembe guno, Simanyi oba nga abaasoma eby'eddiini bano, n'abayigirize, n'abagezigezi, tebandizize Bubaka mu ngeri y'emu nga bwe baakola ku luli? Omuntu takyuka, n'Ekigambo kya Katonda nakyo tekikyuka. Ye Katonda Atakyuka, Takyuka!

16 Genderera, Bamalayika nga bajja era...Bamalayika okujja ne bawa Obubaka bwabwe eri abasajja aba wansi ennyo mu mbeera ez'abantu, ate nga waaliyo abaali babasinga ku bisaanyizo (ng'endowooza y'ensi bw'eri), ng'abasinga bakitawe bano, abasumba abataasoma. Omusumba ye yali omuntu asingayo okuba owa wansi mu bataasoma, teyalina kirala kyonna kye yali amanyi okuggyako ebikwata ku ndiga ze. Yali teyeetaaga kumanya eby'okubala. Yali teyeetaaga kumanya ngeri yo-y'okwawuzaamu akasirikitu. Yali teyeetaaga sikaala yonna. Yalina kumanya ndiga ze, era ekyo kye kyokka kye yalina okumanya. Era Katonda, Oyo Amagezi Agasukkulumye, era Ensulo Omusibuka Amagezi gonna, Yalonda omuntu afaanana atyo (oba kale, abantu, ng'abo) n'Ayita ku bayigirize abatendeke-obulungi bonna abaali baatendekebwa okumanya Ekikulu ekyo. Kiraga ekintu kimu, nti baali baatendekebwa mu musomo mukyamu. Okuyita ku bakungu b'ensi bonna; mwalimu abakungu bangi, abayigiriza ab'amaanyi, Kayaafa kabona asinga obukulu, n'abasajja abalala abaatiikirivu, abayivu ba Isiraeri bonna ab'amaanyi, amadiini gonna, n'abasomerera eby'eddiini abeewananga, Katonda Yabayitako bonna! Kati nno ago ge Magezi ga Katonda.

17 Genderera, Entikko y'Eggulu nga eyanguwa okussaamu ekitiibwa ab'okunsi abaali basingayo okuba abeetoowaze era abataasoma. Ow'okuntikko ow'Eggulu Yakka okweyolekera abasingayo okuba aba wansi ku nsi, n'Ayita ku bonna abaali wakati awo ne Yeeyoleka eri abalunzi aba bulijjo; ng'Ajja eri abalunzi bano aba bulijjo okubawa Obubaka obwali bukyasinze okuba obukulu mu byafaayo. Waali wabaddewo ababaka bangi abakulu. Tuyinza okulowooza ku lunaku lwa Nuuwa, bannabbi, ba kabona abakulu, ne bonna abali ng'abo, abaali babaddewo mu nnaku ezaali ziyise. Abasajja ab'ekitalo abayivu, ba kabaka, abakulembeze, bannaddiini, naye wuuno Ajja n'Obubaka obwali bukyasinze okuba obukulu. Obubaka bwali kiki? “Masiya Ali wano kati!” Mulaba? Era okubumanyisa eri abantu, Yayita ku batendeke bonna, okubumanyisa abasumba abeetoowaze.

Kirowoozeeko: bannaddiini bonna, bannakkanisa bonna, abasomesa bonna, bonna ab-abaasomerera eby'eddiini, ssente zonna ezaali zisaasaanyiziddwa, amakanisa gonna, enjigiriza zonna, n'ebibiina by'amadiini, byonna byayitibwa bbali! Okuyigirizibwa kwonna kwe baali basaasaanyirizzaako byonna - abaminsani bonna, n'okukyusakyusa kw'enzikiriza kwonna, n'obw'okubeera bannakibiina bwonna, na buli kyonna kye baali balowozezza nti bakikola kugulumiza Katonda, kyajja nti Obubaka obwali businga obukulu mu ebyo byonna bwabayitako buyisi. Kyewuunyisa! Lwaki? Mulaba?

18 Ate era wekkaanye, si ekyo kyokka, naye ekyafaayo kino kyaliwo mu kifo mwe kyali kisinga obutasuubirwa kuba. Kati, abasumba, be baafuna Obubaka obwo. Era kati genderera Obubaka gye bwali: mu kifo omuntu yenna mwataayinza kusuubira Bubaka obwo okujja. Simanyi oba, nga naffe ekiro kya leero, bwe tuba nga tunoonya Obubaka bwa Mukama Yesu Obwannamaddala, Simanyi oba nga tebusangibwe mu kibinja mwe butasuubirwa kuba, ekifo awaali...abakulu, ab'ensi y'abagunjufu era ekkanisa ya leero be bandiyise ekibinja kya-kya, oh, abazoole? Simanyi oba eyo si gye twandimusanze Ye? Ekifo omutasuubirwa n'akatono, ate eri aboogezi abasingayo obutaba na bisaanyizo. Abasumba baali tebalina kye bamanyi ku kwogera okugyako okuyita endiga; kale, ndowooza eyo y'ensonga lwaki Kyajja gye bali

19 Naye waaliwo Ekigambo ekyasuubizibwa. Mwetegereze, kyandiddamu okuba bwe kityo nate.

Kyayita ku bakungu b'ensi eyo bonna. Kyayita ku bakungu bonna, ne kibikkulirwa abaatalina kye bali. Bonna abakungu abaali banaanikiddwa ne-ne diguli z'obwa dokita mu kusoma eby'eddiini ne-

n'eby'obwongo n'enneeyisa z'abantu, ne-n'obuyigirize obwa waggulu, n'amakanisa ga lutikko ag'ekitalo n'ebiri ng'ebyo, byonna byayitibwa bbali ne kibikulirwa abo abataalina kye bali. Amagezi, Amagezi ga Katonda Omuyinza wa byonna agataliiko kkomo gaakikola ekyo, okubamanyisa Obubaka obwali bukyasinzeeyo obukulu mu kaseera ako, "Masiya Ali ku nsi kaakati." Nga magezi ga kitalo! Gaalina kuva eri Katonda yekka Oyo amanyi amagezi kye gali! Amagezi gonna n'ebyokusoma byonna, na buli kintu kyonna, byafuulibwa butaliimu amagezi ga Katonda ag'ekitalo ne gabiyitako. Nkiddiŋŋana ekyo kubanga nkyagala kinnyikire ebuziba. Byonna byafuulibwa butaliimu, nga tebirina mugaso n'akatono. Yabyebalama byonna okusobola okuleka amagezi ga Katonda okuba n'enkizo, anti Katonda Akwata ebitaliimu nsa n'Abifuula ebirimu ensa.

20 Tuyinza okuyimiramu wano katono ne twogera ku Yokaana. Tuyinza okuyimiramuuko katono ne twogera ku Eriya. Tewali amanyi Eriya gye yava. Ekintu kyokka ekimanyiddwa kiri nti, yajja buzzi n'alabikira awo. Bannabbi bonna okuyita mu mirembe, tebaalimu nsa. Naye Katonda Yakwata ebyo...ne Yeebalama e-ennono z'ekkanisa, wamu n'enjigiriza, okusobola... okulaga nti Ye ye Katonda. Atwala ekintu omutali nsa, n'Akikozesa ebirimu amakulu. Ayoleka amagezi Ge n'Obwakatonda Bwe olw'okweyisa bw'Atyo, anti Akozesa ebyo omutali nsa. Lwe Yasooka okutonda omuntu, Yakwata bukwasi ekitole ky'ebbumba n'Akola omuntu okuva mu kyo. Ekyo ekitaali kirala okuggyako ebbumba, Yakikolamu omuntu. Era katonda Akwata ebitaliimu nsa ebya kaakano, okubikozesa ebikulu ebirimu ensa. Era kasita twerowooza okubaako ekintu kye tuli, olwo ate nga tetuyinza kukozesebwa mu Mukono gwa Katonda. Kitugwanidde okweyawulira ddala ku buli kyonna kye twali tutegedde oba tuyize. [ow'Oluganda Branham agogola emimiro gye-Omuk.] (Munsonyiweko.) Ng'Omutukuvu ow'ekitalo Pawulo, Yagamba nti yalina okwerabira byonna bye yali yayiga, Okusobola okumanya Kristo.

21 Okusoma kwabwe kwonna, enjigiriza zaabwe ne byonna, byeyongera bweyongezi kubaleetera buzibu. Ku nkomerero byamwegaana! Okusoma kwabwe kwennyini kwe baali bamusomako, basobole okumukkiriza, kwefuula ne kufuuka omulabe We eyali asinga okumukolokota, era ne kumukomerera ne ku musaalaba!

Mukimanyi nti ebyafaayo biddiŋŋana emirundi n'emirundi mingi nnyo ddala? Eyo nno nsonga emannyiddwa nti ntuufu. Kisoboka okuddamu ne kibaawo ne ku ffe. "Oh," Oyinza okwogera nti, " Singa nze nnaliwo mu biseera ebyo,..." Kale, kati, bw'oba ng'oyagala okumanya kye wandikoze ku olwo, weetunuulire olabe embeera gy'olimu kati, era ojja kulaba bulungi kye wandikoze ku luli, kubanga kirabikira ddala bulungi.

22 Baatendekebwa mu ngeri y'okukkirizaamu Ekigambo Kye, ate olwo Ekigambo Kye bwe kyakakasibwa gye bali, ne beegaana Ekigambo kyennyini ekyali kiwa obukakafu. Katonda bwe Yakakasa kye yali Agenda okukola, ate n'Ayogera ekyo kye Yali Agenda okukola, era n'Akakasa ekyo kye yali Agenda okukola, baakyuka ne bayita omusajja ono "omwoyo omukyamu" (ekyabakolimira bonna). Teebereza ku kyaliwo ku olwo! Teebereza ekyabaawo! Teebereza ku kyabawaliriza okukola ebyo; okutendekebwa kwabwe kwabaleetera obutafuna kubikkulirwa okw'Ekigambo Kyennyini nga Kyambadde omubiri mu lunaku lwabwe; okutendekebwa kwennyini kwe baafuna mu masomero gaabwe, nga balina n'abasomesa abasinga obukugu.

Ate ggwe n'ogamba nti, " Kale ffe tetuyinza kukikola ekyo leero." Abayigiriza baabwe bali ba waggulu nnyo ku baffe aba leero (oba kale, baali basingako, ku bayigiriza abaffe), ne balemelerwa. Tebaalina bibiina by'amadiini lwenda-mu-kyenda- mu- mukaaga nga bye tulina leero. Baalina nga bisatu. Ate ne mu bisatu ebyo, londoola ebisatu ebyo, tewaaliwo n'ekimu ku bisatu ebyo ekyafuna okubikkulirwa ku Kino! Kyongera okulaga nti omuntu ky'akola busirusiru eri Katonda. Mulaba?

23 Kaakati, baalemererwa okukitegeera. Kaakati...Ate bajja kukola ekintu ky'ekimu nate.

Omuntu...Ebigendererwa bye birungi, bulijjo abaddenga n'ebigendererwa ebirungi. Ate era omuntu takyusa ndabika ye, takyukakyuka nnyo mu mbeera ze; njogera ku muntu ow'ensi. Omuntu bulijjo abaddenga atendereza Katonda, omuntu oyo omunnaddiini, olw'ekyo ky'Akoze, era nga bulijjo asongera abantu ku ebyo by'Agenda okukola, ate n'atafaayo ku ekyo ky'Akola kaakati! Mulaba? Oyo ye muntu, bw'atyo bwe yakula, bulijjo abaddenga bw'atyo. Era mmwe abasomi ba Bayibuli ekiro kya leero mukimanyi nti bwe kityo bwe kiri ddala okusinziira ku Kigambo, "butereevu." Bulijjo batendereza Katonda olw'ebyo by'Akoze, ne boogera ku by'Agenda okukola, ne beerabira by'Ali mukukola. Eyo ye nneeyisa y'omuntu.

24 Ensonga lwaki bali baakikola ekyo, abayigiriza abo, okusinziira ku ndowooza yange kati: baali bavvuunudde Ekigambo, kubanga era bonna baali bakkiririza mu Masiya eyali agenda okujja. Isiraeri yenna yali akikkiriza, n'olwaleero bwe batyo. Naye Ensonga lwaki tebaamutegeera, Obubaka Bwe bwali tebugya mu bisaanyizo byabwe eby'ekinnaddiini. Bo...enzivvuunula yaabwe ey'Ekigambo gye baalina, Masiya teyeeyoleka gye bali nga bbo bwe baali bevvuunudde okweyoleka Kwe bwe kwalina okuba. Bwe kityo, era n'olwekyo, tebaamutegeera kubanga Yali tagya mu nzivvuunula yaabwe. Nga bwe nakyogerako emabega, era nga nkiddamu nate, "Katonda teyeetaaga muntu yenna okumuvvuunulira Ekigambo Kye. Ye ye Muvvuunuzi w'Ekigambo Kye."

25 Kaakati, Baibuli eyogera nti...Leka nkikakase gye muli nti ago ge Mazima. Isaaya nnabbi, emyaka lusanvu-mu kkumi-n'etaano nga kino tekinnabaawo, Isaaya nnabbi yayogera nti, "Omuwala embeerera aliba olubuto, n'azaala omwana." Tewali kubuusabuusa nti buli muntu yenna mu mulembe ogwo yalowooza nti muwala we ye yali omukazi oyo, kubanga Isaaya yakyogera. Naye, mulaba, kyabaawo oluvannyuma lw'emyaka lusanvu. Naye...Katonda teyeetaaga muntu yenna kuvvuunula Kigambo Kye, ddi lw'Alikikola, oba Alikikola Atya. Yayogera ng'Alikikola, Era Yakikola!

26 Katonda Yasuubiza nti Ajja...mu Isaaya, n'era, nzikiriza kiri mu ssuula ey'abiri-mu-munaana, olunnyiriri olw'ekkumi n'omunaana. Ne mu Yoweeri 2:28, nti mu nnaku ezisemba, emyaka enkumi bbiri egisemba, Yali wa kufuka Omwoyo Gwe ku balina omubiri bonna. Yayogera nti, " Batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula. Abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa. Abakadde bammwe baliroota ebirooto." Era n'ebintu bye Yalina okukola, Isaaya yayogera nti, "Ndyogera n'abantu bano n'emimwa emigenyi era n'ennimi endala, era kuno kwe Kuwummula." Naye tebaakiwulira. Baanyeenya bunyeenya mitwe gyabwe ne bakiyitako. Yayogera nti, "Emmeeza za Katonda zonna zaali za kujjula bisesemye, nga tewalibaawo kintu kyonna kirongoofu." Era ekyo bwe kiba nga si kye kyali ekifaananyi kya Yerusaalemi, n'ekkanisa y'olunaku olwo ku kujja kwa Masiya, kye kifaananyi ky'ekimu olwa leero. Kiddamu buzzi kweyoleka.

Kaakati, Katonda bw'Ayogera nti Alina ky'Ajja okukola, Akikola. Newankubadde ng'omuntu yenna akirowoozaako ki, oba omuntu oyo agamba ki, Katonda bw'Ayogera ku kintu kyonna, Abeera Avunaanyizibwa okwevvuunulira Ekigambo Kye Yennyini. Era obukakafu bw'Ekigambo Kye buba kuvvuunula Kwe Ye. Genderera, ng'Akakasa Obubaka bwa Masiya We. Yasuubiza ekyo Masiya kye Yalina okukola mu kujja Kwe. Era bwe Yajja...

27 N'abasajja abagezigezi abaava ebuvanjuba bwe baatunula ebugwanjuba bw'obukiika bwa ddyo, okuva awo we baali e Babulooni, ne balaba emmunyeenye esukkulumye. Mukimanyi nti tekiriiyo mu byafaayo byonna, awantu wonna, nti n'eyo gye baali beekaliriza emmunyeenye (eyo gye baakuumiranga o-o-obudde nga basinziira ku mmunyeenye, abasajja ab'amaanyi abeekkenneenyanga emmunyeenye)...Teriiyo kyafaayo kyonna ekiraga nti waliwo n'omuntu omu ku abo eyalaba emmunyeenye eyo. Lwaki? Tekyabaweebwa, baali tebakinoonya. Naye Abasajja abagezigezi bano bo baakimanya nti walibaawo Emmunyeenye ya Yakobo erisituka, era baali baginoonya, ate Nayo yayitawo mu kaseera ako Yesu mwe Yazaalibwa e Besirekemu...

Kaakati, mmanyi obulombolombo obw'Ekikristaayo, kiri nga mu makanisa gaffe, ebintu byago biri mu ngeri ya kifuulannenge. Ogendayo n'osanga abasajja abagezigezi nga bajja ne basinza omwana omuwere; teriiyo kintu ng'ekyo mu Byawandiikibwa. Baatuuka wayiseewo emyaka ebiri, okuyita mu nsenyi n'okusomoka omugga Tigris. Tebajja kusinza mwana muwere, naye omwana omuto ow'emyaka ng'ebiri. Lwaki kyali nti, mu kaseera ako kennyini, Kerode yatta abaana bonna okuva ku myaka ebiri okukka wansi? Asobole okukwatiramu Masiya. Mukiraba, bo...Katonda yali Akakasizza n'Ekigambo Kye.

28 Era abasajja abagezigezi bano bwe baatuuka e Yerusaalemi...Emmunyeenye yabakulembera n'ebatuusa eri ekibuga ky'eddiini ekikulu mu nsi yonna, Yerusaalemi. Era amangu ddala nga baakayingira mu wankaaki w'ekibuga, emmunyeenye eyo (eky'Obwakatonda ekyali kibakulembedde okutuuka awo) yagaana okwongera okubalagirira. Ne badda eno n'eri mu nguudo basajja battu, abagagga abaali b'ettisse ebingi ku ŋŋamira zaabwe, bwe batyo...ne badda eno n'eri mu nguudo nga babuuza nti, "Ali ludda wa Oyo eyazaalibwa nga Ye Kabaka w'abayudaaya. Twalaba emmunyeenye Ye ebuvanjuba." Era ekibuga ekyo ekikulu mu by'eddiini, nga wayiseewo emyaka ebiri okuva abasumba lwe baaweebwa Obubaka, kyali tekinnafuna eky'okuddibwamu ku nsonga eyo, era nga tebalina kye bagimanyiiko. Obukulembeze bw'amadiini tebwalina kyakuddibwamu.

Bwe kityo kyatawaanya Olukiiko olukulira ekkanisa, ne bayitayo Abawandiisi okujja okusoma. Ne basoma ebyo Mikka, nnabbi bye yayogera nti, "Naawe Besirekemu, si ye ggwe asingayo obutono mu balangira ba Yuda bonna (asinga obutono), naye mu ggwe mwe muliva Omukulu Alifuga abantu bange Isiraeri." Era oluvannyuma lw'okusoma Ebyawandiikibwa (era nga bikakasiddwa mu maaso gaabwe), baasigala tebakikkirizza, newankubadde Ekyawandiikibwa kyali kyogera bwe kityo.

Nnina okubuusabuusa okungi oba nga ne leero bandisobodde, singa Ebyawandiikibwa ebyasuubizibwa ku lunaku lwa leero bituukirira. Nnyinza obutaddayo kubuulira gye muli nate, naye njagala mufune omulamwa guno. Baasigala tebakkirizza!

Amagezi aga waggulu ennyo aga Kitaffe gafuula amagezi g'omuntu okuba obusirusiru anti Afuula omuntu ekitaliimu nsa. Atuuka mu mbeera omuntu we yeewulirira nga tagwanidde, naye ate n'atafuna mbavu kimala okukkiriza nti "mukyamu." Asigala yeekulumbaza n'ebigambo bye, Kitaffe ne bw'Akakasa Atya nti Ekigambo Kye kye kituufu era nti Akola ekyo kye Yasuubiza okukola. Omuntu asigala alowooza nti amagezi ge ga waggulu nnyo ku Katonda, bwe kiba nga tekizze ng'amagezi ge, "Kale, si bwe kityo bwe kiri." Ekyo kibaddenga kituufu mu buli mulembe, bakyakikola ekyo. Mulaba byonna bwe byali bikwatagana obulungi, kati?

29 Nga Kulungamizibwa kwa maanyi okwajja eri abalunzi abo! Ba Malayika nga bakka okwogera eri

abalunzi, ba Malayika ba Katonda nga bakka okwogera eri akabinja k'abasumba.

Simanyi oba nga mwali mufunye omukisa o-ogw'okwogerako n'omusumba oba okubeerako naye, okumala akaseera? Bw'oba nga wali osobodde, si-ssandyagadde kukyogerako olw'ekyo kye ŋŋenda okwogera mu ddakiika entono eziddako, Naye omusumba abeera n'endiga ze ebiseera biwanvu nnyo okutuusa lw'aseka ng'endiga ze (Bwe zikaaba), n'ayogera ng'endiga, era n'awunya ng'endiga. Kituufu ekyo, kubanga abeera n'endiga ze. Ekyo kyokka ky'amanyi, endiga ze.

30 Kaakati ekigambo eky'Amazima ekikakasiddwa. Abasumba bano, abasajja abeetowaze, abataasoma... Nga kya kitiibwa nnyo, era nga kikwatagana bulungi nnyo ddala omusumba okufuna obubaka obw'okuzaalibwa kw'endiga. Tebwandizze eri mulala yenna okuggyako omusumba. Eyo y'ensonga lwaki Yazaalibwa mu kiraalo, ng'ate si mu nnyumba. Endiga tebazizaalira mu nnyumba oba mu kisenge ky'eddwaliro ekyasiigibwa ne langi eya pinki. Mulaba? Zizaalibwa mu biraalo, ne mu ttale gye bazirundira.

Eyo y'ensonga lwaki Yakulemberwa mu kugenda e Kalivaaliyo. Tosobola kuwaliriza ndiga kwetwala mu bbaagiro. Mubadde mukimanyi ekyo? Mu mabaagiro, babeera n'embuzi ekulembera endiga. Ate eyo embuzi bwe mala okutuuka mu kifo we battira, ebuuka ne yeefulumira n'ereka endiga nga yeeyongerayo mu maaso. Endiga erina kukulemberwa, teyinza kwekulembera. Kale, n'olwekyo, kyalina kuba musumba nga y'akima... endiga ze. Bwe baasanga Katonda-Mwana awo wennyini omubaka we Yagamba nti we Yalina okuba, era we baasanga Obubaka bw'omubaka mu kibanvu, awo wennyini Malayika we Yagamba nti we bw'Alina okuba.

31 Kati, nnali mpulidde ku bantu nga boogera nti, "Malayika Yayogede nange, Yayogedde, 'bw'ati ne bw'ati.'" Nga kya busiru ebiseera ebimu; Nnali mpulidde abantu nga boogera nti Malayika Yayogera nabo, era n'Abagamba "kino na kiri" naye nga bikontana n'Ekigambo. Kaakati, Malayika yandiyinze atya okukola ekintu ng'ekyo? Tekyandisobose n'akatono. Era Katonda bw'Aba nga Yakugamba nti ekintu ekimu kya kutuukirira (Ng'ogamba nti Ye yakikugamba), ne kitatuukirira, olwo manya nti Oyo teyali Katonda eyayogera naawe. Jjukira, ekyo kituufu. Katonda talimba. Tasangibwa mu bulimba.

32 Bwe baasanga Omwana, nga kyabaleetera essaanyu eritagambika. Kubanga Malayika bwe yabawa Obubaka, bakizuula nga ky'ekyo kyennyini Malayika kye yali abagambye, era mu kifo wennyini Malayika we yagamba nti kijja kuba. Nga kyali kya kitalo nnyo gye bali!

Mu kibanvu, lwaki? Mulaba abalunzi abo bwe bataalina buzibu bwonna okubeera mu kiraalo omwo? Mulowooza munnaddiini omutendeke yandibadde atya munda omwo? Yandizibikidde ennyindo, n'agamba nti, "Munzigye mu kifo kino mangu." Mulaba? Yandibadde ali mu kifo ekitamusaanira, yandibadde mu nnyiike.

Naye, mukiraba, waali "waka" eri abasumba. Katonda Amanyi aw'okutuma Obubaka Bwe. Mulaba? Kituufu ddala. Mu mbeera eno abasumba gye baalimu, mu kiraalo kyabwe n'Omwana gw'Endiga gwabwe, Obubaka bwe baali bawulidde nga bukakasiddwa. Nga kyali kirungi! Mu kubeerawo kwa Masiya, Ekigambo ky'Obubaka bwabwe nga kikakasiddwa. Abasumba bwe baawulira nti Masiya yali ku nsi, ne bajja mu Kubeerawo Kwe, mu mbeera yennyini gye baali bamanyidde (ne bakizuula nti Obubaka butuufu, nga bukakasiddwa awo) nga kiteekwa kuba nga kyabaleetera okuwulira obulungi ennyo, okukizuula nti Katonda yali Abakoledde ekintu ekyo eky'ekitalo.

33 Kale nno, abayivu bandibadde tebeegazaanyizza awo, mu mbeera bw'etyo, bandibadde baavuddewo dda. Lwaki? Omubaka ng'Ajja eri abalunzi aba bulijjo. Osanga baali tebalina ne... bano...Abamu ku basumba bano bayinza n'okuba nga baali tebamanyi na kussa mukono ku kiwandiiko kyonna, kisobokera ddala okuba nga kyali kityo. Mumanyi abalunzi Yesu be Yalonda bwe Yali wano ku nsi, okulunda endiga Ze, "Peetero, onjagala nnyo, okusinga ne bano?"

"Yee, Mukama, Okimanyi nti nkwagala."

"Liisanga endiga zange." Era Baibuli yagamba nti Peetero yali musajja ataali muyivu era ataasoma. Bwatyo era ng'Alonda basumba.

34 Bannakkanisa ab'ennaku ezo ezaayita, wamu ne bakabona, era ne bannakibiina abatendeke obulungi ku lunaku olwo bandibadde beeraba ng'abali mu kifo ekikyamu eyo mu kiraalo. Kati, Simanyi oba nga abangi ku mmwe muyinza okukitegeera obulungi (oba oli awo, mmwe ab'omukibuga) ekiraalo ky'Ebuyudaaya bwe kyawunyanga, nga bwe kyafaanananga, n'ebisolo munda mu kiraalo ekyo, ne kiki kye kyandibadde. Ate nga, bano ab'ebbeeyi aba leero bandibuliddwa emirembe munda omwo, n-n'okuyingira tebandiyingidde munda. Naye kyasanyusa Katonda, olw'Amagezi Ge Okutali kkomo, okukibikkulira abo abaali ab'okukisembeza. Abayivu, n'abasajja abagezigezi ab'olunaku olwo mu mazima ddala tebandikyanirizza. Bandiwulidde obuswavu bungi nnyo okusangibwa mu kifo ekifaanana bwe kityo.

Kale, Okusookera ddala, bwe bandizzeeyo mu kkanisa yaabwe, ne bawaayo obujulizi nti baabadde mu lukuŋŋaana ng'olwo, nti era bakkiririzza mu kabinja k'abasumba abataasoma abaaleese obubaka obw'ekitalo bwe butyo, bandigobeddwa mu kkanisa yaabwe. Bandigobeddwa ne mu kibiina ky'abatuula e

Besirekemu, singa baali basangibwa nga baawulirizza abantu ng'abo abataasoma ate ng'abasumba bano bwe baali. Bandiswalidde, ddala. Singa baali basangibwa nga babadde n'enkolagana n'abantu abo abaabulijjo, era n'okuba...n'okukkiriza obukyamu obwenkanidde awo nti Katonda Yaleeta Obubaka Bwe eri ekibinja ky'abasumba abataasoma, ng'ate bo baali baakyetegekera bulungi mu buli ngeri yonna. Bandibadde bafiirwa enkolagana nabo, bandibadde bakomyawo empapula eziboogerako, era bandibadde tebakyalabibwa mu butongole mu bibiina eby'enjawulo eby'olunaku olwo; kubanga baatabaganye n'ekintu ekifaanana ng'ekyo, ne batabeera na kutegeera okutuufu.

35 "Muyinza mutya okwetantala!" kabona bwe yandyogedde. "Mujja mutya mu kifo kyange kino ekitukuvu n'enjigiriza enkyamu bw'etyo, n'obusirusiru obwenkanidde awo, mbu abasumba ab'omunsiko abataasoma abatalina kye...abataayitako mu...mu kubangulwa kw'essomero. Ne mulyoka mukkirizza obubaka ng'obwo, nti, "Malayika Yajja n'Ayogera nabo'?"

Naye watya ng'omusajja yamuddamu nti, "Nnalaba Obubaka bwe nga bukakasiddwa"?

Yandimuzzeemu nti, "Leka nkuddize ebiwandiiko byo mangu ddala. Era fuluma mangu okuva mu kibiina kino!" Ebiseera bikyuka, naye abantu tebakyuka. Kisobokera ddala okubaawo ne leero, bandikasukiddwa ebweru w'amakanisa gaabwe.

36 Naye bo abasumba baawulira bulungi era ne beegazaanya mu kifo ekyo nga bali n'Omwana gw'Endiga gwa Katonda. Era buli musumba omulungi akola ky'ekimu ekyo. Omusumba yenna omulungi ng'alabirira endiga bw'alaba Ekigambo kya Katonda nga kitangaazibwa era nga kikakasibwa, ku ebyo bye Yasuubiza okukola, Omusumba oyo atuula ntende n'awummula. Sifaayo omuntu yenna kyayogera, wabaawo "Katonda Yakisuubiza, era Katonda Yakikola."

Boogera nti, "Ennaku z'ebyamagero zaayita dda. Teriiyo kintu ng'Okubatizibwa kw'Omwoyo. Teriiyo kintu ng' Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ekyo kyali ky'abatume."

Naye leka omusumba omutuufu ow'Ekigambo akibuulire, mu maanyi ag'okuzuukira, nti Yesu Kristo y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna! Peetero yayogera ku lunaku lwa Pentekoote nti, "Okusuubizibwa kwammwe, era kwa abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe baaliyita." Omulundi gwonna gw'Ayita, ekisuubizo n'omukisa bibeera byannamaddala. Ate Omusumba Owannamaddala omuliisa w'Ekigambo akirabe nga kikakasibwa, tewali n'omu ku basomerera eby'eddiini bonna munsi ayinza okukimuggyamu; kubanga akimanyi nti Katonda Yakyogera, ate kituukirira. Kyekyo kyokka. Lubeerera kirina kuba Kigambo kya Katonda. Ekigambo Kye kyafuuka omubiri era ne Kituula gye bali naye tebaakimanya.

37 Yasuubiza ekintu ky'ekimu mu lunaku luno. Simanyi oba nga naffe tuyinza okukitegeera? Abaamalala n'abagezigezi baali tebafunangako kintu kifaanana ng'ekyo. Ate baali bakkiriza nti Masiya Yali bw'Aba Wakujja ku nsi, Kyalina kuba nga kijja eri kibiina kyabwe eky'eddiini. Kyalina kuba kibiina kyabwe nga kye kikifuna, oba si bwe kityo "nga si kituufu." Kaakati, mukirowoozeeko mukyekalirize. Bwe kitandibadde mu kibiina kyabwe, olwo nga... Mukyekkaanyizza, ate? Katonda teyalondanga kuva mu kibiina kyabwe, naye Yalondanga abo abataalina kakwate n'akamu ku kyo. Kubanga ekibiina ekimu kyandigambye nti, "Mulaba kye twakoze?" Era ate bwe bandyeyisizza bwe batyo ne leero. Naye Katonda Alonda abatalina kye bali, era eyo y'ensonga lwaki Yalonda basumba. Abasumba baawulira bulungi nnyo okuba n'Omwana gw'Endiga gwa Katonda awo we baali, Ekigambo kya Katonda nga kifuuka Omubiri mu makkatti gaabwe. Abaamalala n'abagezigezi bo tebaakifuna, kyabayitako buyisi.

38 Era tusobola okwogera ky'ekimu ku lunaku lwa leero, oba n'eri buli mulembe. Kyali bw'ekityo mu nnaku za Martin Luther. Kyali ky'ekimu mu nnaku za John Wesley. Byali bintu by'ebimu mu nnaku z'Abapentekoote. Naye Katonda tanyigirako liiso ku kibiina kya ddini ya muntu kyonna! Ye Agenda mu maaso Okukozesa Omwoyo We okuweera Ekigambo Kye obukakafu! Kyalina kuba nga kijjidde mu ddaala ly'olukiiko lwabwe oba si ekyo tebandikyanirizza. Nga bwe bali abamalirivu ne leero, amakanisa gonna, nga bwe "bagenda "okukola kino na kiri, era bagatte wamu amakanisa gonna." Bwe baba nga banoonya mubaka kaakano, oyo ajja okugatta Abapolotesitante, Abakatoliki n'Abasoddookisi bonna, na buli kintu wamu, bakole ekkanisa enkulu emu.

39 Kati nno, ab'oluganda, mbadde n'omukisa okubuulira eri enkumi n'enkumi z'amaddiini, era ng'ate mulimu abantu abalungi ddala mu go. Naye kati, mujjukire kino, Ndagula, "Buli kibiina kya ddiini kijja kuwalirizibwa okukkiriza kino, oba kive mu kubeera ekibiina ky'eddiini. Mujja Kukakibwa." Mwasomye Eggulire ly'omu Tucson olwa leero omwabadde abasossoddooti abakatoliki nga bayambako mu kwawula, mu lupapula lw'amawulire... nga bayambako okwawula, e Missouri, omwawule Omupolotesitante? Ate b'ani abo abaababadde bakiwagira? ab'enzikiriza z'obwa Presbyterian, Baptist, Lutheran n'ekibiina kya b'Assemblies of God. Kiri mu ggulire lya Tucson olwa leero.

Oh, nga kyesisiwaza! obuzibu tebuli ku bantu abali munda omwo, wabula ezo enkola z'ebyobufuzi, n'obuyinza bw'abafuga ezinyoola ekiri munda omwo, enkola ekuwaliriza okugiyingiramu oba oyagala oba toyagala. Tosobola kubeera kibiina kya ddiini ate n'otoloka obusungu buno obugenda okujja ku nsi, era

ekyo munaakiraba oba nga sikituufu. Osanga nnaaba ŋŋenze we kinaabeererawo, mukomangawo ku ntambi zino. Ate olwo bwe kitalituukirira, nga ndi mujulirwa ow'obulimba. Bwe kituukiriranga, nga Njogedde Mazima.

40 Bandikiyise "nkola ya mwoyo mukyamu" oguwakanya endowooza yaabwe ey'obutalemerwa. Muwulira bangi aboogera ku ndowooza ey'obutalemererwa: oteeka buteesi birowoozo byo ku kintu kyonna n'okirowoozaako nti kisoboka. Ne Setaani asobola bulungi okukikola ekyo! Waliwo ekintu kimu kyokka ekifuga byonna, era nga kye Kigambo kya Katonda. Bw'oba ng'olowooza okontana n'Ekigambo, vva ku ndowooza yo. Lowooza ku Kigambo.

Baalowooza nti, "Masiya", "teyalina kusangibwa mu kifo ng'ekyo, obukyafu ng'obwo."

Oyinza okukiteeberezaamu nti kabona omukulu, omulungi ow'ekitalo, omuweereza omukulu mu kkanisa, eyakuguka mu by'eddiini, yandizze mu kiraalo ekijjudde obusa? N'akkiriza n'Obubaka obw'omusumba omwavu, era omwetoowaze ataasoma, era eyandizze n'ayogera nti "Mulaba, nkikakasa gye muli nti, Ono Ye Mwana omuto, Ono ye Mubaka"?

Era omanyi abantu abo kye bandyogedde? "Omusajja ono wa mazima, era mwesimbu mu by'Ayogera, naye bambi mukyamu nnyo ddala!"

41 Ndabye abantu abatambulira mu bulamu obulungi ennyo ddala n'okutuusa ng'abantu abalala tebayinza kukikkiriza nti, tebayinza na kuboogerako ekintu ekikyamu kyonna, naye ate nga boogera nti "Mukyamu nnyo mu bwesimbu. Tamanyi na by'ayogerako. Katonda, Tayinza kukola kintu ng'ekyo."

Naye ate bano wano bo baalina obukakafu bwakyo! Ate Oluvannyuma lw'okujja kw'obujulizi, "Mwambukeeyo eri mu kiraalo mulabe oba ng'Omwana oyo tagalamidde omwo."

Bandibazzeemu nti, "Omwoyo omukyamu gubaloze, ogubaleetedde okwogera bwe mutyo." Ng'ate kyali kizze okusinziira ku Kigambo kya Katonda! Era baali bazibiddwa nnyo amaaso nga tebayinza kukiraba, kubanga enjigiriza z'ebyeddiini zaabwe zaali zibazibye amaaso. Nga katyabaga ka maanyi!

"Okusangibwa mu kifo ekifaanana kityo? Mu bitoomi nga bwe kyali awo? Mu kiraalo?" Ng'ate bo baali bamutegekedde ekifo ekiyooyote obulungi we yalina okujja, nga bategese buli kimu eri okujja Kwe, kati olwo okukirowoozaako nti Yali azze (n'Ayitawo) n'Atawa bayigiriza baabwe Bubaka. "Mbu Yabuwa ekibinja ky'abasumba abataasoma? Era n'Atuma Omwana We yennyini, n'Amuleka azaalibwe mu-mu kiraalo? Ekiraalo ekya bulijjo? Kale mu -mu kibanvu ky'omuddo? Kale, tekisoboka!" Tebaakikkirizza, kubanga kyali kya bwetoowaze ddala.

42 Ate kibeera kyangu nnyo ddala, y'ensonga lwaki abagezi bulijjo bakibuusa amaaso. Kibeera kyangu nnyo ddala, ne kibassukkirirako. Baanoonya Katonda ali ewala eri, ng'ate Ali wano wennyini. Mulaba? Banoonya ekintu ekiri ebunaayira, ng'ate kiri wano okumpi nabo kati: Kristo, Eyazuukira mu bafu, nga y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

Ebintu byabwe ebikulu byonna Yabiyitako. Naye gaali Mazima, anti "Masiya Yali awo." Tukimanyi ne leero. Tukikkiriza olwa leero. Tukyaniriza olwa leero.

Naye ate Katonda bw'Aba nga Yasuubiza ekintu ku Ssekukkulu eno, nga Yasuubiza ekintu eri olunaku lwa leero, era n'Akakasa nti bwe Kiri, ate ne tukyebalama, tuba tuli mu ttuluba lye limu lye baalimu (mu nnaku ziri ez'emabega) bali abaakyebalama; kubanga te-tekijja nga kisinziira ku kwagala kw'ekibiina kyaffe eky'eddiini. Eyo y'ensonga lwaki tuli mu bitoomi bwe bityo ku Ssekukkulu eno.

43 Yesu Kristo si mufu, Mulamu. Ali wano olwa leero! Baibuli yayogera nti, y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Yayogera mu kitabo ky'Omutukuvu Yokaana 14:12, "Oyo akkiriza Nze..." (Si oyo eyeefuula obwefuuzi omukkiriza, oyo ayogera obwogezi nti akkiriza) "Oyo akkiriza Nze, emirimu gy'enkola Nze naye aligikola. Era alikola egisinga egyo obunene, kubanga ŋŋenda eri Kitange." Era nange mmulabye, mu bulamu bwange, ng'Akola emirimu egisingako obungi (ku gye Yakola luli) okusingako ne ku giwandiikiddwa mu Baibuli eno. Era ate kiyita ku bantu wamu n'abagezigezi olwa leero, ne kibikkulirwa abawere abeetegefu okuyiga; nga Yesu bwe Yasaba. Kituufu, Akoze ebisingawo lwe Yali...Ndabye mu lunaku lwange, emyaka asatu-mu-esatu egy'obuweereza, Mmulabye ng'Akola ebisingawo ku ebyo bye musomyeko nga Yabikola mu Baibuli; ekintu ky'ekimu kikoleddwa emirundi mingi okusingawo.

44 Newankubadde Yakola ki ku olwo, mulowooza Olukiiko olukulira ekkanisa lwamukkiriza? "Kale," baamuddamu nti, "oli muloge." Naye, ojja kuzuula, we baakolera ensobi kyali mu kuzuula...mu kuzuula, si ekiyiiye kyabwe kye kyali kigamba, naye Ekigambo kye Kyali kyogera era Masiya kye Yalina Okukola mu lunaku lwabwe. Era awo wennyini naffe we tukolera ensobi leero, obutekenneenya Byawandiikibwa. Yesu Yabagamba nti, "Munoonya mu Byawandiikibwa, nga mulowooza nti mu byo mulina Obulamu Obutaggwaawo, naye ate bye bimpeera obujulizi. Bibabuulira Nze Ani.

45 Genderera, Katonda Yakimanya dda nti baali baakukola kino, ekyo y'ensonga lwaki Yalina kukitwalira

basumba. Yali Akimanyi nti tebandikikoze, tebandikyanirizza. Kati mulaba lwaki baalina kuba basumba? Lwaki basumba? Abaasomerera eby'eddiini tebandikyanirizza. Lwaki basumba nate? Kyandizze nga kikontana n'Ekigambo Kye? Nedda! Baali basumba, baali bamanyi ndiga; era ekyo kye Yazaalibwa okuba, endiga, omwana gw'endiga. Wekkaanye, Ye yali Omwana gw'Endiga Oyo. Be bokka abaali-abaali bayinza okumusembeza. Omusumba ye yekka eyali ayinza okusembeza Omwana gw'Endiga. Baali bamanyi engeri y'okugirabirira, ate era bwe kityo bwe kiri ne leero bwe tufuna Obubaka bw'Omwana gw'Endiga.

46 Kati eky'ekitalo kino! Abasajja abaali basingayo okubeera abeetoowaze, abataasoma nga basuuta Emanweri mu kiraalo. Abaali basinga....Kale waaliyo abantu ebweru eri, mu nnaku z'ezimu ezo, nga bayigiriza eby'eddiini byabwe. Ebibinja eby'amaanyi, nga bikuŋŋaana okuva buli wamu, okuva mu nsi yonna, nga bajja mu kuwaayo ssaddaaka Yakuwa ze Yayogerako nti zaali "Kivundu mu nnyindo Ze." Kati ate wano waliiwo abasumba abeetoowaze, mu kiraalo, nga basuuta Emanweri; Katonda Yennyini ng'Afuuse omubiri, ng'Agalamidde mu kiraalo. Mulaba, engeri ffe n'obuyivu bwaffe, n'obukalambavu nga tulowooza nti tumanyi nnyo, awo Katonda ne Yeebalama ebintu byonna. Mulaba? Akola ekyo ky'Asuubiza okukola, era bulijjo bw'atyo bw'Akola. Naye lowooza ku basumba bano ba lunkupe eruda eri kati nga bo bali mu kusuuta Emanweri... Emanweri mu kiraalo. Kyewuunyisa nnyo ddala. Ddala bwe kiri!

47 Olwo Ebweru... Oluvannyuma lw'okumusuuta, ne bakizuula nti Obubaka bwe baali babuulidde bukakasiddwa, baali awo... baali wabweru nga batendereza Katonda n'Obubaka bwa Malayika obusinga okwewuunyisa. Kati ekyo kigeraageranye n'olwa leero. Yimiriramu eddakiika emu olowooze. Abasajja ebweru nga basuuta Katonda, nga bamutendereza olw'ekyo kye balabye, ne kye baali bawulidde, ekyo kye baali bamanyi nti ge Mazima, n'Obubaka obwewuunyisa eri endowooza y'omunnaddiini. Bwali bukontana n'endowooza y'eby'obufuzi mu ddiini, ng'ate bwali Mazima! Ge gaali Amazima! Baagakkiriza. Ate kati, ng'amagezi g'abantu gabeera obusirusiru! Olwo ate nga bagamba nti kkwaya ya Bamalayika yabayimbira oluyimba olw'amazaalibwa olwasooka. Muyinza okukiteeberezaako ekyo? Omusumba eyali tasobola kuwandiika linnya lye , ng'awunya ng'ekisibo ky'endiga, ng'atambula mu luguudo, nga bw'aleekaana, "Ekitiibwa kibe eri Katonda Oyo Ali waggulu ennyo! Tumanyi nti Ali ku nsi!"

Kabona n'ayogera nti, "Omusajja oyo tategeera bulungi. Mukebere mu bitabo mulabe oba y'omu ku ba mmemba b'ekibiina kyaffe. Mazima ddala ali mu kutuswaza n'enjigiriza ze omutali ggumba. Mumufulumye ave wano. Tetujja kuswazibwa mu bantu bwe tutyo."

Kale, oyinza okuswalira mu bantu naye n'ogulumizibwa mu maaso ga Katonda; salawo ludda ki gy'onadda, kubanga, jjukira, okuyayaana kw'omunnabyabufuzi mu ddiini okw'olunaku lwa leero tekukwatagana n'Ekigambo kya Katonda. Si ezo endowooza olwenda-mu-nkaaga-mu -omwenda ku Kyo. Endowooza entuufu eri emu, Ekigambo kimu, Katonda Omu. Ky'ekyo kyokka.

48 Nga boogera nti Bamalayika baabayimbira oluyimba olw'amazaalibwa olwasooka, era ne boogera nti "baafuna Obubaka okuva eri Malayika." Malayika yabalabikira, n'Abawa Obubaka, era baagenda ne bakizuula nti Obubaka bwali Butuufu. Era ne boogera nti, "Okwongereza ku ekyo Malayika yatuyimbidde oluyimba lw'amazaalibwa olusooka."

"Oyinza okukiteeberezaamu?" nga babaddamu nti, "Ssempala oyo." Baali tebabeerangako n'ekintu ekifaanana bwe kityo okutuukirira mu bo, omanyi, bw'etyo yafuuka enjigiriza etaali ya bulijjo gye bali. Era eyo y'ensonga lwaki kyabalema okuzuula mu Byawandiikiba, okukizuula kwali si kwabwe. Ekitakkirizika eri abagezi, baali tebafunangako bumannyirivu obufaanana butyo. Nga si kyangu kukkiriza, naye ate Ge gaali Amazima. Ge Mazima, tumanyi nti Ge Mazima. Kirowoozeeko! Abagoberezi ba Kristo abaasooka era ekibiina Kye ekyasooka baali basajja ababeera n'endiga, si bannaddiini; abasajja ababeera n'endiga, abalunzi. Lwaki basumba?

49 Weetegereze! baali bweru nga batendereza era nga bagulumiza Katonda olw'ekyo kye baali balabye ne kye baali bawulidde, baawulira Bamalayika nga bayimba omulundi ogwasooka eri omwana w'omuntu. Bamalayika baali tebayimbangako eri bantu. Ate tunuulira zi kkwaya, nga bwe zaali zeetegese ne zitendekebwa era ne batendeka n'amaloboozi gaabwe, "nti baali baakuyimba ku mazaalibwa ga Masiya," Wabula bonna Yabeebalama! Bamalayika ne bajja ne bayimbira ba lunkupe abaabeeranga n'endiga, abataalina na ngoye z'ekinnaddiini, naye abaali bambadde engoye z'abasumba. Era laba abaafuna Obubaka obwasooka, tekikkirizika.

Era ne gye Bwafulumira, si mu makanisa lutikko, wabula mu lukoola, ebweru eri mu lukoola eyo Malayika wa Mukama gye Yajja. Si mu kkanisa, mu lukoola. N'okwanirizibwa tebaamwaniriza mu kkanisa. Baalowooza nti bw'Atyo bw'Ali, era ne balowooza nti baalina Ekituufu, Naye Katonda Yakakasa nti baali bakyamu. "Ayinza mu mayinja gano okugafuuliramu Ibulayimu abaana." Ekyo bwe kiri.

50 Omulundi ogwasooka Bamalayika Okuyimbira ku kijaguzo, gwali mu Ggulu. Bw'onoogenda mu Yobu 38:7 (Nga bwe ndabye abamu ku mmwe nga muwandiika), Katonda bwe Yateekateeka okussaawo obutonde Bwe obwasooka, ensi. Yobu yali musajja ow'ekitalo, omusajja omugezi, era yalina amagezi mu bintu bingi. Olumu yayogera nti, "Bwe nnyambuka mu butale, abakungu abavubuka, banvunnamira bonna, nga basaba mbawe ku magezi gange okumala akaseera akatono." Yali takitegeera lwaki baamuyisanga

bwe batyo.

Bw'Atyo Katonda n'Amubuuza, ng'Ayogera nti, “ Weesibe ekimyu ng'omusajja, kubanga Nange nnaayogera naawe.” Era Katonda bwe Yajja mu mbuyaga y'akazimu, Yamugamba nti, “ Yobu, wali ludda wa nga Sinnasimba misingi gya nsi? Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, n'Abaana ba Katonda ne baleekana olw'essanyu, wali ludda wa ku olwo, Yobu?” N'aggwaamu omukka akaseera ako. “Wali ludda wa?”

Mulaba, Omulundi ogwasooka Bamalayika Okuyimbira ku kijaguzo, gwali mu Ggulu. Naye ate omulundi gwabwe ogwasooka okuyimba ku nsi, gwali eri basumba ku mazaalibwa ga Katonda, Emanweri ku nsi; abantu abaasooka okuwulira Malayika ng'Ayimba, baali basumba abeetoowazizza.

51 Ate ffe ne Tuleeta abakazi baffe nga beesiize birangi mu bwenyi bwabwe, enviiri nga nsale, nga bambadde obuwale obumpi, nga beenanise eminagiro gy'ekkanisa, ne tubaleka okusituka ne bayimba, olwo ne tulowooza nti Katonda Ayinza okuwuliriza ebintu ng'ebyo? Alina Bamalayika Eyo Ewuwe abasobola okumusanyusa kubanga ne...Nga Tannaba na Kutonda muntu. Uh-huh. Ne bafuluma ne babeera... ne bayambala engoye ez'omuzizo eri Katonda, kati musuubira mutya ekintu ng'ekyo okuba ekya Katonda. Oyinza okugamba nti, “Wewaawo, nze ndi wa...”

“Wali ludda wa bwe Nnasimba emisingi gy'ensi? Mbuulira wa kwe Nnagisibira. Nnamuziga eri ludda wa ensi kw'etambulira? Wali ludda wa ku olwo?” N'olowooza nti Katonda Ayinza okutwebuuzaako ku magezi gaffe. Amagezi gaffe busirusiru gy'Ali. Akola ekyo ky'Asuubiza okukola.

52 Kati mwetegereze, Katonda Ateekateeka Okukola Obutonde obulala. Ng'Atonda ensi eggwaawo, obulamu obuggwaawo. Bamalayika bayimba mu Ggulu. Naye wano ng'Atonda Obulamu obuggya, Obulamu Obutaggwaawo ku lw'omuntu, ng'Ayimbira baafuga ng'Ayita mu Bamalayika; ku nsi, si mu Ggulu. Eggulu lyalina Obulamu Obutaggwaawo. Mulaba? Awo n'Ayimba..baayimbira Eggulu, Obutonde obuggwaawo nga bujja; ate wano obutonde obutaggwaawo nga bujja, bayimbira abantu ab'okunsi. Omulundi ogwasooka, eri abasumba. Kyewuunyisa, si bwe kiri?

53 Yali Atandiseewo obutonde obuggya. Kyali kiki? Obutonde obubwe Ye Yennyini. Katonda Yafuuka omuntu n'Atuula gye tuli. Ekyo... Baibuli Yayogera nti, “Ku lubereberye lw'okutonda kwa Katonda.” Katonda Yakolebwa mu kikula ky'omuntu; Mu Yesu Kristo, Omwana We, Katonda mwe Yatuula. Yeezimbira yeekaalu Ye ey'omubiri n'amagumba

n'Agibeeramu; Katonda, Emanweri, “Katonda ng'Ali naffe.” Yeezimbira ennyumba, ey'okusulamu, Asobole okwoleka Ekigambo Kye eri baafuga Ng'Ayita mu ekyo. Omanya Katonda ky'Ali bw'olaba Kristo.

54 Jjukira, bulijjo wabaawo okuyimba ku mazaalibwa ga kabaka. Bameka ababadde bakimanyi ekyo? Mu butuufu, mubadde mukimanyi. Kale, kati mulowooza nti singa kabaka ono yazaalibwa erudda eyo, omukazi yandizze ng'adduka n'ayingira mu kkanisa lutikko awo, n'ayogera nti,“Muntegekere obuliri mangu nnyo, era muyite abasawo, kubanga ŋŋenda kuzaala Emanweri ku nsi”? Omukazi omunaku okuva e Nazaaleesi, ekibuga ekisingayo okuba ekya wansi, era...nga kibi n'okusinga Tucson oba ebirala byonna ng'ebyo, wabula singa omukazi oyo yaddukira eri kabona omukulu ow'ekitalo n'amugamba nti, “n-nteekateeka kuzaala Emanweri.” Bandimusudde mu kkomera. Mazima ddala kye bandikoke. Mu butuufu ddala kye bandikoze. Obukyamu obwenkanidde awo okubwanjula eri abantu be, teyandikiwagidde. N'olwa leero bw'atyo bwe yandikoze. Naye ekintu ky'ekimu, kigenda mumaaso, ekyo kyennyini.

55 Genderera, walina okubaawo okuyimba. Ba Kabaka baabanga... Tebandimuyimbidde. Abantu tebandimuyimbidde, kubanga tebaamukkiriza. Era eyo y'ensonga...Kiikino Kijja, Mwandikifunye kati . Eyo y'ensonga olwa leero lwaki abantu baswala okutendereza Katonda, baswala ku lwa Kristo! Ekkanisa lutikko ez'amaanyi tezisobola kusembeza Kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, bakakanyalidde mu nkola yaabwe ey'ekinnaddiini nti tebajja kumufuna. Katonda Ajja kwefunira omuntu gw'Anaatenderezebwamu. Ayinza mu mayinja gano okugafuuliramu Ibulayimu abaana,“ nga bwe nnokola Yokaana nate.

Weetegereze, Abafuge Be bateekeddwa okumuyimbira. Ku olwo baafuga Baali Bamalayika Be, era baayimbira Basumba abaalina okutwala Obubaka Bwe.

56 Ani yandisoose okubuwulira? Mu butuufu, abafuge Be. Beebo abaalina okusooka okuwulira Okuyimba kwa Kabaka, baafuga. Era b'ani abaali abafuge Be? Kale kyewuunyisa, si bwe kiri, ab'oluganda? Tebaali bannaddiini Be. Tebaali abaasomerera eby'eddiini. Kituufu Ekyo. Tebaali abantu abagoberera eddiini. Nedda, Baali basumba. Lwaki? Waaliwo endiga eyali ezaaliddwa, eyo y'ensonga lwaki. Mulaba? Abafuge Be baakiwulira, Katonda Be Yali amanyi nti bajja kukkiriza. Katonda Yatuma Obubaka Bwe eri abaali bagenda okubukkiriza. Ye ge magezi gonna; Amanyi wa aw'okutuma Obubaka Bwe, n'ani an'abukkiriza. Oyo Asinga okuba owawaggulu mu Ggulu Yatuma eri abasingayo okuba aba wansi ku nsi.

Yesu yagamba, mu Matayo 5 nti, “Balina omukisa abaavu mu mwoyo: kubanga Obwakabaka obw'omu Ggulu bwe bwabwe.” Malyamu mu...Bwe muba nga muwandiika Byawandiikibwa ebyo, ekyo kiri mu Matayo 5. Era bwe muba nga muwandiika Byawandiikibwa ...Ebyo bye mpandiise wano, Byawandiikibwa.

57 Malyamu yayogera, mu Lukka 1:52, bwe yali ng'afukiddwako amafuta Omwoyo, ng'Aliko Omwoyo Omutukuvu, Yayogera nti, "Agulumizza abo abeetoowaze." Malyamu yakyogera ekyo, maama wa Yesu, yagamba nti "Agulumizza abo abeetoowaze."

Lukka naye yayogera nti, "Abantu ba bulijjo baamuwulira n'essanyu." Si-si ab'ebbeeyi eya waggulu, aba-abaasomerera eby'eddiini, ba dokita b'amateeka n'eby'ekinnaddiini; wabula abantu abaabulijjo baamuwulira n'essanyu, abantu abanaku ennyo.

Okuyita mu Byawandiikibwa ebitukuvu byonna, Obubaka bw'obununuzi bubadde buweebwa basumba era nga buyita mu ndiga.

Kati nnina okumaliriza, kubanga tunaatera okukomekkereza. Mpise ku Byawandiikibwa bingi okusobola okubatuusa ku kirowoozo kino.

58 Okuyita mu Byawandiikibwa byonna, obununuzi bwolesebwa okuyita mu basumba n'endiga. Ekyo bwe kiri. Fenna ekyo tukikkaanyaako. Lwaki? Kyali mu kisiikirize n'ekifaananyi. Ate buli kintu...Singa nnali sirabanga ku mukono gwange, ne ntunula wansi wano ku kisiikirize ky'omukono gwange, ne nneeraba nga nnina engalo ttaano, nnandibadde nkimanya nti ekyo kifaananyi eky'ekyo ekyannamaddala; ekifaananyi nga kyoleka oky'obuliwo. Era eyo y'ensonga lwaki Obubaka bulijjo bubadde bujja eri...okunnunulibwa okuyita mu ndiga, kubanga okuva ku lubereberye...Era kyali okuyita mu ndiga, wamu n'abasumba, Yeebikkula Mwene. Byonna byali bisiikirize n'ebifaananyi.

59 Kati leka tulabe ku lubereberye. Adamu ne Kaawa, nga bali mu maaso ga Katonda okuwulira Obubaka Bwe gye bali, baali beesibye mu biwato amaliba g'endiga. Obubaka obwasooka okuwulirwa, bwaweebwa nga buyita ku ddiba ly'endiga eyali effudde, Katonda gye Yali asse n'Alisiba ku Adam ne Kaawa. Oluvannyuma lw'okugezaako okwekolera eddiini y'ebikoola by'omutiini, ekitaasobola kukola. Okussaddaaka kw'endiga kwali kuteereddwawo ng'omutango okuviira ddala ku lubereberye, okussaddaakibwa kw'endiga.

Kaakati, kino tugenda kukimaliriza kati, ndyoke mbalage lwaki baalina kuba basumba; era lwaki kyalina kuba, Yalina okuba endiga.

60 Kaakati, bannabbi b'endagaano enkadde beesibanga amaliba g'endiga(tukimanyi ekyo, uh-huh), nga kyoleka okukkiriza kwabwe mu Kigambo Kye ekyayogera ku kujja kw'Omwana gw'Endiga Atuukiridde. Y'ensonga lwaki bannabbi.

Kaakati, Ekigambo kya Katonda tekijja eri oyo eyasomerera eby'eddiini, teriiyo...Oyo-oyo yaakigalangatanya. Ekyo bwe kiri. Teriiyo kintu ng'okugamba nti...Gwe okwogera nti, "Kale, omukulu ono yasomerera eby'eddiini." Ekyo kimussizza ddala wala okuva ku Kigambo okusinga ekintu kyonna kye mmanyi. Mulaba? Ekigambo kya Mukama Katonda, Oyo Katonda Atakyuka, tekikyuka n'akatono. Wonna wonna mu Baibuli, Ekigambo kya Katonda kyajjanga eri bannabbi. Si eri abaasomerera eby'eddiini oba abasawo, wabula eri bannabbi! Ate emirundi gyonna, buli kaseera, baaganibwanga ne batabakkiriza.

61 Bannabbi nabo baabanga balunzi. Bannabbi beesibanga amaliba g'endiga, kubanga baayambalanga maliba ga ndiga ze baalundanga. Era obubaka obwasooka, eri o-o-omulembe ogwali gusaliddwa omusango, gwayita kungulu ku maliba ga ndiga. Bannabi, nga nkiddamu okukyogera baayambalanga amaliba g'endiga era mwe beezinganga, kubanga baali bawa obujulizi mu ekyo nga bakkiriza nti waali wa kujja Omwana gw'Endiga Atuukiridde okuba ssaddaaka eyo. Era Ekigambo kya Katonda kyajjanga gye bali nga kiyita ku maliba ga ndiga. Abalunzi bano...oba bannabbi bano ebiseera ebisinga baabanga balunzi. Ibulayimu yali mulunzi. Isaaka yali mulunzi. Yakobo yali mulunzi. Musa yali mulunzi. Dawudi yali mulunzi. Abasigire ba Katonda bonna ebiseera bingi baabanga balunzi.

62 Kati tugenda kuzuula lwaki kyajja eri basumba. Baali bamanyi nti endiga tesobola kweyamba awatali musumba okugiluŋŋamya. Bo... endiga tesobolera ddala kweyamba, teyinza kweluŋŋamya. Eyo y'ensonga lwaki Katonda yafaananya abaana Be abamukkiriza n'endiga. Balina okuluŋŋamizibwa. Naye genderera kiki ekikuluŋŋamya! Tofuna embuzi, ejja kukutwala mu bbaagiro. Katonda Tatuwangako mbuzi, Yatuwa Mwana We (Omwoyo Omutukuvu) okutuluŋŋamya. Ye ye Muluŋŋamya waffe, Si abalunzi abaagunjibwawo abantu, wabuli abalunzi Abaaweebwa Katonda abaliisa endiga n'emmere y'endiga.

63 Kaakati, funa embizzi, era ogambe embizzi eyo, "ŋŋenda kukufuula omwana gw'endiga." Era oginaaze. Era osiige n'ebinuulo byayo langi, ne-nebirala bwe bityo. Era ogiwe emmere ng'endiga, ogiwe ne-n'ebiriisa. Era ogigalamize wansi oba mu kiraalo ky'endiga, mu nnimiro y'omuddo oguliibwa ebisolo oba ekiri ng'ekyo. Bwe wanaabaawo ekidiba ky'ebitosi okumpi awo, embizzi eyo ejja kudduka mbiro butereevu mu kidiba ekyo nga bw'esobola. Mulaba? Lwaki? Kubanga ekikula kyayo kikyali kya mbizzi.

Era eyo y'ensonga lwaki ba mmemba b'amakanisa, olwa leero, bakyetaba mu bintu by'ensi, mulaba, kubanga ekikula kyabwe tekikyukanga. Bajja kulya buli kikula ky'empitambi y'ebyobufuzi, n'eby'obuyivu mu by'eddiini, naye nga tebasobola kugumiikiriza Kigambo kya Katonda. Bajja kuyingira munda bawulirize Ekigambo...

64 Mumanyi, ekisinga okuba n'obunnanfuusi munsi, ye nnamuŋŋoona. Mu Baibuli, bibiri byateebwa okuva mu lyato. Nnamukadde nnamuŋŋoona yafuluma n'atakomawo, kubanga ye kikula kya nsega, omuli w'emirambo. Yakka ku mirambo n'ajjuza olubuto lwe n'ennyama y'emirambo. Naye bwe yafulumya ejjiba, ejjiba lyalemererwa okugumiikiriza ekivundu ekyo, bwe lityo ne likyuka ne likomawo mu nnyumba ya Taata era Nuuwa, ne likonkona ku luggi okutuusa Nuuwa bwe yaliggulira.

Kaakati, nnamuŋŋoona asobola okutuula awo n'alya ku mulambo gw'embalaasi, olunaku lwonna, ate n'abuuka erudda eri mu ttale n'alya empeke wamu n'ejjiba. Naye ate ejjiba terisobola kubuuka kudda eri ne lirya ku mulambo gwa mbalaasi, ne likomawo ate ne lidddamu ne lirya ku mpeke; Kyandirisse. Mulaba, ejjiba teririna kalulwe, terisobola kubissekulira mu lubuto.

Era ejjiba lya Katonda lyonna, ejjiba lyonna erirya Ekigambo, oba n'endiga, ensolo ennongoofu, bw'ogenda okubiwa ebintu eby'ensi, bimanyi Mukama waabyo Yagamba nti, "Oyo ayagala ensi oba ebintu by'ensi, Okwagala kwa Katonda tekuli mu ye n'akatono." Bw'omuwa ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda ekyo, tasobola kukigummiikiriza. Wabula Setaani asobola okutwala Ekyo ate n'ensi nayo, byonna n'abiyita ebya Katonda. Tosobola kutabula butto n'amazzi, tebijja kwetabula.

65 Bonna, abasumba bano bonna, bakimanya nti endiga yali tesobola kweyamba awatali musumba. Era baali basumba, abaali bakimanyi nti erina okuluŋŋamizibwa.

Nga kya nnaku okulaba, olwa leero, nga bagezaako okuliisa endiga, empitambi. Naye endiga teyinza kubirya. Nedda, ssebo! Mulaba, baali bagezaako kuliisa ndiga, empitambi, eri emabega. Era Ekigambo olwajja, zaali zaamanyiira kulya mpitambi, nga tezimanyi na Kigambo. Ate bwe kityo bwe kiri ne leero, ekintu ky'ekimu nga kiweereddwako obukakafu era nga kikakasiddwa nti Katonda Ayinza okukola ekintu kyonna. Olwo nga bo bamannyidde empitambi, gye babadde balya, okutuusa lwo...kale tewakyali bya kwogerako nabo, tebajja kukuwuliriza, ky'ekyo. Embwa...Baibuli yagamba nti, " Ng'embwa bw'eddira ebisesemye by'ayo, era n'embizzi bw'eddira empitambi yaayo, nabo bwe batyo."

Bawulira Ekigambo, ate ne baddayo eri empitambi ey'edda! nga boogera nti, " Ah, buno buzoole. temukkiriza bintu bifaanana ebyo."

66 Katonda...endiga zikola ky'ekimu leero, zirina okwesiga okuliisibwa okw'Ekigambo. Tezijja kukkiriza kuliisibwa kulala. Tosobola kuziwa kuliisibwa kwa byabufuzi mu ddiini, endiga eyannamaddala. Nedda! Nedda! Oyinza okuzigamba nti, "Kati mulabe, fenna tujja kuba wamu. Kakati, Yesu Yasaba nti fenna tube 'bumu'." Mubadde mwakawulira ekintu ky'ekimu e Tucson gye buvuddeko, ennaku sinnyingi emabega, naye obwo bulimba! Yesu teyasaba...Yakikola Atya... Oyinza otya okuleeta Ekigambo mu kwesalira omusango, okwekuba empawa? Awo Katonda Aba talina ky'Asinga ku muntu yenna.

Yesu yayogera nti, "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu nga tebatabaganye?" Ogenda kukikola otya eky'okutwala Ab'enzikiriza za ba Methodist, ba Baptist, ba Presbyterian, n'Abakatoliki, bonna obaggatikke babe bumu? Muyinza okuba obumu wansi w'obukulembeze bw'omuntu omu, naye Yesu yagamba nti, "Babeerenga bumu nga-nga Nze Naawe bwe tuli Obumu." kaakati, Ayagala fenna okuba obumu mu Ye nga kye Kigambo! Amen! Kiikyo awo, "Obumu ne Kitaffe." Ate Kitaffe Ye Mwana, y'Omu. Era ng'Ekigambo ekyo ky'ekimu, Ekigambo ekirabisiddwa, nga kyeyoleka kyo Kyennyini mu lunaku luno nga bwe Kyakola mu lunaku luli olulala, musobole okuba obumu.

67 Weetegereze, Yayogera nti, " Nga Kitange bwe Y'Antuma, bw'entyo nange mbatuma." Kitaffe Eyamutuma, Yagendera mu Ye okukakasa Ekigambo. Era Yesu y'Omu Oyo Atuma abantu Be, Agendera mu bantu abo b'Atumye; ng'Ayogera nti, "Emirimu gye nkola, nammwe muligikola." Mazima ddala, Yasaba tusobole okubeera obumu; Obumu naye, Si obumu n'ekibiina. Si obumu n'enkola emu awamu, naye obumu ne Katonda. Kubanga Katonda mu Kigambo Kye Ali Omu, era Yesu ne Katonda baali Omu, era ggwe nange n'Ekigambo kitugwanidde kubeera omu. Ekyo bwe kiri. Tulina kuba omu mu kukkaanya n'Ekigambo. So si omuntu omulala by'ayogera, kino si kya muntu kwevvuunulira kubwe. Kitwale, kiki kye Kyogera, Era Okikkirize; ne Katonda Anaakinyweza, era Akakase nga Kituufu. Olowooza kyali ky'abayigirizwa bokka, twala Ekigambo Kye ku lw'ekyo, genda okigezeeko omulundi gumu olabe. Ojja kukizuula nti Kijja kukukolera mu ngeri y'emu nga Bwe Yasuubiza. Yee, ssebo!

Tezijja kulya ku mpitambi, zirina kufuna ku mmere y'endiga, Yokaana 10 ayogera nti, "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange." Ate bw'Aba nga Ye Kigambo, olwo ate Alina Ddoboozi nnabaki? "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange, Abagwira tezibagoberera." Mulaba? Yesu Yagamba nti, "Tezirigoberera ddoboozi litali lya bulijjo." N'olwekyo endiga Ze tezigoberera ddoboozi lya mugwira. Tezijja kubagoberera.

Bannabbi, abasumba, n'endiga, bonna bawa obujulizi ku kujja Kwe.

68 Kati mulabe Katonda Atakyuka mu ntegeka Ze ezitakyuka ku Kigambo Kye ku lunaku lwa leero. Kati mufumiitirizeemu eddakiika ntono: Ekigambo ekitakyuka.

Kati mwekkaanye! Singa Musa yajja n'obubaka bwa Nuuwa, tebwandikoze. Singa Yokaana Omubatiza yajja n'obubaka bwa Musa tebwandikoze. Singa ne Yesu yajja n'obubaka bwa Musa oba obubaka bwa

Nuuwa, tebwandikoze. Bwa'tyo ne Wesley aba kujja n'obubaka bwa Luther, tebwandibaddeko kye bukola. Abapentekoote nabo baba kujja na bubaka bw'abagoberezi ba Wesley, tebwandibaddeko kye bukola; twakamala okuwulira obujulizi kw'ekyo. Kaakati, Katonda Asigala Atambula. Mwekkenneenye Ekigambo, mujja kulaba wa we tuli.

69 Kati olwo lwaki okulangirira okw'abasumba okwasooka... bannabbi abo bonna, abasajja ab'ekitalo bano bonna bwe kiba nti baali basumba, kati olwo lwaki Katonda (Oyo Atakyukakyuka) akyusa enkola Ye awo wennyini, Aleete Obubaka Bwe eri abaasomerera eby'eddiini? Baali basumba. Okujja kw'Omwana gw'Endiga Atuukiridde, ekiweebwayo olw'ekibi, kwalina kujja eri musumba

Omusumba amanyi nnyo endiga ze okusinga omuntu omulala yenna.

Tewali amanyi ndiga kusinga musumba, atendekeddwa mu kyo. Era amanyi n'ekika ky'emmere kye zirya. Bano...yamanya kiki endiga ky'erina okulya, era endiga ze azimanyira ku bye zirya. O...Bw'olaba endiga ng'egenda mu kifo omuli empitambi n'etandika okulya empitambi, wandiyogedde nti, “Muggyeewo mulya mirambo oyo.” Mulaba? Bw'Atyo Katonda Yamanya wa aw'okubatuma.

70 Kati ka tulabe omu ku ba nnabbi era abasumba ba Yakuwa, okukakasa nti Katonda Yali mu bannabbi abo abaali beebisse amaliba g'endiga. Mwekkenneenye kati. Tugenda kulaba, Musa, okusooka. Ka tumwetegereze. Obuweereza bwe bujja kutulaga Yakuwa ng'Ali mu nnabbi we omusumba. Kaakati, tugenda kulaba oboolyawo omu, bwe tunaaba tufunye obudde, okumala eddakiika nga kkumi eziddako mu maaso. Tugenda kulaba babiri ku bo, naye osanga ono omu anaatumala.

Musa; Yakuwa nga Yeeyolekera wano, mu nnabbi-omusumba ono. Yaweebwa ebirabo bisatu okukakasa obuweereza bwe era n'okuyitibwa kwe eri abakadde ba Isiraeri, n'eri Falaawo. Mwetegereze nnabbi-omusumba ono, kati. Lubeerera, Awa, bannabbi Be, akabonero k'ebyamagero, okuwa obukakafu nti Katonda ye Yabanga nabo; kubanga tekisoboka Katonda okubeera awantu ng'ebyamagero tebiriiwo. Yakuwa Talabisibwanga ebyamagero ne bitamugoberera. Bwe kirina okuba. Bulijjo Yeeweeredde obukakafu nti Yabanga ne bannabbi Be, ng'Akakasa nti bye baawangako obunnabbi, byali bisinziira ku Kigambo Kye.

71 Kati, akabonero-akabonero akaasooka ke Yawa eri ... nnabi-omusumba ono (laba), kwali kukyusa muggo gwe okufuuka omusota.

Ak'okubiri, omukono gwe gwafuna bigenge.

Ak'okusatu, okutoola amazzi mu mugga Kiyira e Misiri, n'agafuula omusaayi.

Kaakati, Yamuwa obubonero busatu okukakasa eri Misiri, era n'eri Isiraeri, nti ye yali Ekigambo kya Katonda ekyogere.

Kaakati, mujjukire, Musa yayita ebintu mu butonde! Ekyo bwe kiri. Yatoola omusenyu n'agukasuka waggulu mu bbanga, n'ayogera nti, “Wabeewo enkukunyi,”enkukunyi ne zijja. N'ayogera nti “Wabeewo ensowera,” ensowera ne zijja. “Wabeewo ebikere,” era ebikere ne bijja. Yatonda! Kati, omuntu tasobola kutonda, naye teyali muntu okusookera ddala. Yali Yakuwa mu nnabbi we omusumba! Amiina!

72 Mwetegereze! Akabonero ak'okusatu ke Yamuwa kaali tekakwatagana na mulimu gwe yali akola, newankubadde ekikula kye ng'omuntu; akabonero ke ak'okusatu. Mwetegereze, obubonero obubiri obwasooka bwali bukwatagana naye, ekikula kye n'emirimu gye. Era bwe bwali obubonero obubiri bwokka Baibuli bwe yayogerako nti “bwalina eddoboozi.” Akabonero akalala tekaalina ddoboozi. Wabula obubonero obubiri obwamuweebwa okuva mu kikula kye kyennyini, n'eri abantu be, bwe bwalina amaloboozi. Naye akabonero ak'okusatu, kati mwetegereze, kaawebwa...akabonero, akabonero ak'okusatu, kaali kabonero ka kufa: amazzi okufuuka omusaayi. Singa-singa-singa omusaayi gwo gufuuka mazzi, olwo oba ojja kufa. Ate awali omusaayi, omusaayi oguyiise, kaba kabonero ka kufa; bw'ekityo bwe kyali eri Falaawo. Ak'okusatu kaali ka kufuula mazzi ag'omugga Kiyira musaayi, kaali kalaga- kalaga Obubaka bwe eri Falaawo nti Katonda waffe ye Katonda Afuga Kiyira, era Y'Afuga ne katonda w'omugga Kiyira. Ye Katonda afuga buli kintu kyonna, era Agenda kuleeta okufa eri eggwanga eryo. Era ekyo akabonero k'omusaayi kye kaali. Oh, abange! Akabonero ak'ajja obutereevu nga kooleka okufa: musaayi!

73 Naye buli obulala obubiri bwalina amaloboozi g'obunnabbi. (Nze-nze-Leka nsuubire nti kati mukitegeera, mufuna omulamwa gwakyo, ekyo kye njogera.) Obubonero buli obulala bwalina amaloboozi ag'obunnabbi eri Isiraeri ku byali bigenda okubatuukako eyo mu maaso. (Kati eri mmwe abaali ku lusozi luli ebbanga si ddene eriyise, enjaziyazi bwe zaakasukibwa waggulu.)

Kaakati, mu kugenda... yali agenda kukyusa obutonde, busobole okubakolera. Weetegereze omuti, weetegereze omusota, weetegereze Ennyanja Emyufu, na buli kye Yakola, kati. Laba omuggo gw'omusumba ogwo nga gugenda gubakubira ekkubo ery'okuyitamu. Omuggo ogwo ogwali mu mukono gw'omusumba oyo, gwayita ku buli katondo k'ebyokusomerera eby'eddiini, ne buli kyonna ba kabona kye baali boogedde, era oluga lw'omusumba olwo lwabakulembera okugenda mu maaso nga bayita mu byonna

ebyali bitasoboka (eri omuntu). Falaawo bwe yagezaako okulowooza nti "ensozi zaawandula biriroliro, nga byetabuddetabudde n'amazzi , ne bimala nga bifuuka omusaayi," awo Katonda n'Atonnyesa omuliro okuva mu Ggulu. Era n'Atonnyesa omuzira okuva mu Ggulu, era -era n'Atonnyesa ensekere ku nsi, n'ebirala ng'ebyo.

74 Kiki kye yakola? n'oluga lw'omusumba olwo, si ne-n'ekitabo ky'okusomesezaamu, si n'endowooza y'oyo eyasomerera eby'eddiini, wabula n'oluga lw'omusumba. Tugenda kukyogerako mu ddakiika ng'emu; oluga lw'omusumba, Yakikola. Si a-akatabo k'essaala z'ekibiina ky'eddiini, naye oluga lw'omusumba. Omuggo gw'omusumba nga guluŋŋamya endiga ze, nga gukuba ekkubo mu lugendo lwabwe okwolekera Ekigambo ekyasuubizibwa mu nsi eyo. Nga kirungi nnyo ekyo leero eky'oluga lw'Omusumba, olwa leero, nga luluŋŋamya endiga Ze mu kugenda mu Nsi Ensuubize; nga beebalama eby'okusomerera eddiini byonna n'ebintu ebirala byonna eby'ensi eno, n'ebintu by'ensi, n'ebibiina by'amaddiini, buli kimu; nga luggulawo ekkubo, era nga lukakasa Ekigambo Kye okubeera Amazima; Oluga lw'Omusumba nga lugenda mu maaso.

75 Mwetegereze, oluga lw'omusumba olwo lwe lumu olwali luluŋŋamya endiga...Mukikkiriza ekyo? Mazima ddala yaluŋŋamya endiga, yazinunula okuva e Misiri n'oluga olwo mu mukono gwe. Twandyogedde bingi ebisingawo ku lwo. Naye okukwata ku kinyusi, yaluŋŋamya endiga era n'asindika omusango eri abaalugaana. Oluga lwe lumu olwo lwafuuka omukisa eri omu ne lufuuka ekikolimo eri abalala. Amazzi ge gamu ago (Nuuwa ge yabuulirako) agaamulokola, gaasalira ensi omusango. Oluga lwe lumu olwakulembera Isiraeri okugenda mu nsi ensuubize, lwasalira omusango abo abaagaana okugoberera nnabbi-omusumba. Ekyo bwe kiri, lwafuuka muggo gwa musango.

Obutonde; mwetegereze Katonda nga bw'Ayogerera mu butonde Bwe. Singa tubadde n'obudde. Nnina obugambo bwe nnawandiise awo: Katonda ng'Ayogerera mu butonde Bwe. Tetulina budde kukikakasa ekyo.

76 Naye nga tukikakasa oluvannyuma, okuyita mu musota ogw'ekikomo ogwali ku muwunda gw'okusoya endiga (Ogwo gwe yazingirirako omusota ogwo, mu lukoola), kyali kyoleka omutango ogwannamadala ogwali gugenda okujja ku lw'endwadde n'ekibi.

Olugga olwo lwennyini lwali lwafuuka omusota mu maaso ga Falaawo, era Falaawo y'omu oyo n'agezaako okukopperera ng'akozesa abafuusa. Era ne leero bwe bakola batyo ba Falaawo b'omulembe guno, wamu n'abo abeefuula batakkiriza, n'abageegeenya Obubaka ab'omubiri, nga bagezaako okugeegeeenya ekintu ky'ekimu nga tebasoose kumanya gye kiva; ne bakissa mu nkola ey'eddiini emu, ng'ate kya ddembe ku kyo nga bwe kitasoboka kusibira mukka mu kisero. Mazima Ddala! Ne bagezaako okugeegeenya, okukigeegeenya.

Naye, mwetegereze, oluga lw'omusumba luno lwennyini lwamira emisota emirala. Emisota egyo gyali wa? Gyali miggo ku ttaka, naye omuggo gumu gwe gwasitulwa okuva ku ttaka. "Eggulu n'ensi biriggwaawo," Yesu bwe yagamba, " Naye Ekigambo Kyange tekiriggwaawo." Nga kyogera ku mutango ogwannamaddala ogwali gugenda okujja ku lw'ekibi.

77 Era, n'ebyomu maaso bya Isiraeri byali...era awo we nnayogedde ku Isiraeri, kati mu biseera eby'omu maaso... Eyo nnabbi omusumba gye yabaweera obununuzi obwabaggya mu busibe bw'okufa. Nnabbi omusumba eyalina oluga yabaggya mu busibe bw'okufa. Mukiraba? Kyali kyoleka Omununuzi wa Isiraeri ow'omu biseera eby'omu maaso, Eyali Agenda okubaggya mu kufa ne mu Ggeyeena, ng'ate Musumba-Nnabbi Oyo gwe tujja okwogerako.

Kati, mu ebyo byonna...ebyo nga bwe tumanyi Isiraeri, baagaana okwaniriza Ekigambo kya nnabbi omusumba, Isiraeri yenna yagaana okukyaniriza. Kati mwetegereze, beemulugunyanga. "Oh," bwe yali ng'Akola ebyamagero, "yali muntu wa kitalo," naye bwe kyatuuka ku Bubaka Bwe, "ebyo byali bya njawulo." Obubonero bwonna obukulu bugoberera obubaka obupya nga bwakajja. Tukimanyi ekyo. Mu ddungu beemulugunya, mu ddungu omwo, ne bafiiramu nkumi na nkumi. Nga njogera kaati, temwali n'omu eyasomoka okuggyako ababiri abaalokolebwa okuva mu bukadde obubiri n'ekitundu, babiri okuva mu bukadde bubiri n'ekitundu.

Ogamba nti, "Ekyo...Kiki ekyabatuukako?" Baabulira mu kufa okw'olubeerera.

Bonna, ow'Oluganda Branham?" Yesu bwe Yagamba.

Baayogera nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu, ne banywa ne ku Lwazi."

Era Ye... Yesu n'Abaddamu nti, "Era buli omu ku bo, bonna, baafa," Baayawukana ku Katonda lubeerera, mulaba, bonna.

78 Genederera beemulugunya ku kubo lya Katonda lye Yali abakoledde, era y'ensonga lwaki baafa. (Kati, mwekkenneenye, temusubwa ebigambo ebitono bino ebisembayo.) Beemulugunya! Kiki ekyabaleetera okufiira mu ddungu, beemulugunya ku kkubo lya Katonda lye Yali Abakoledde: okuyita mu Bubaka obw'omusajja omu, nga ye nnabbi, obukulembeze bw'omusajja omu. Mumbuulire ddi Katonda lwe Yali

Akozesezza ekibinja okulungamya. Tojja kukisanga mu Bayibuli. Omusajja omu, ba... Ekigambo kyajja eri Musa!

Koola; ffenna tumanyi nti ya- yeevaamu ne yeemulugunya ku Katonda Obutabeera Mwenkanya, okukola ekintu ng'ekyo, okubeera n'omusajja omu nga y'alina Obubaka. Yagamba nti, "Ffenna tuli batukuvu. Lwaki tetuba na kibiina kya ddiini? era lwaki tetufuna...tussaawo kino, ne tukola na kino, era ne tukola na kiri?"

Katonda n'Agamba Musa nti, "Mweyawuleko oyo, Mbikooye." Era mujjukire, Yuda ayogera ku kintu kye kimu ekyo, mu nnaku ez'oluvannyuma. Kituufu ekyo, Baazikiririra mu kuwakana kwa Koola." Era naffe tumanyi ekyaabaawo ku Koola ne - n'abalala abaawakanya Ekigambo kya Katonda n'amagezi ga Katonda ag'okuba n'enkola ey'omuntu omu nga y'afuga: bonna baazikirira.

79 Kaakati, tujja kulaba Katonda mu nnabbi omusumba, ng'Alaga enteekateeka Ze mu by'omu maaso mu ddoboozi ly'akabonero akaddako. Kati mwetegereze. Tukirabye awo, kati ka tukirabire mu kabonero akaddako.

Kati, mwetegereze, Yatumwa eri baganda be abaali mu buddu, wansi w'obusibe, ng'alina Obubaka obw'obununuzi, n'akabonero akamuweereddwa Katonda okukakasa ebigambo Bye. Isiraeri baayaniriza Obubaka bwe, ne babukkiriza, buli muntu yenna, naye mu kiseera ekyakawungeezi...Baagoberera ebyamagero bye, naye mu kiseera eky'akawungeezi bwe...bwe yawa Obubaka bwe, "Kyali kya njawulo." Era bonna abatakkiriza Bubaka obwo, baafa. Ekyo kituufu. Obubaka bwali kuki? Obubaka bwali bwogera ku musango ogujja. Ku Kawungeezi, mu kiseera eky'akawungeezi, Katonda Yayita mu lusiisira lwa Isiraeri okulaba oba abantu baali bakkirizza Obubaka bwa nnabi We omusumba; era bonna abaali bagaanyi okubukkiriza baazikirira.

80 Kati Mwetegereze, Tugenda kukiwunzikira ku Musumba Omukulu mu ddakiika ntono nnyo. Mukiraba? Mwetegereze obuweereza bw'Omusumba-Nnabbi Omukulu. Ku byamagero Bye, buli kkanisa yamuggulirangawo enzigi ne bamwaniriza. Bayagalanga abalwadde baabwe okuwonyezebwa. Bayagalanga okukola ebintu eby'ekitalo. Yalina ettutumu lingi. Naye ekiseera eky'akawungeezi bwe kyatuuka, olumu oluvannyuma lw'okufuula amazzi envinyo, ng'Amaze okuliisa enkumi n'enkumi, emigaati, era nga Akoze ebyamagero, Yatuula wansi n'Ayogera gye bali. Era n'Abagamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu. Lwaki Mungamba nti, 'Tulage Kitaffe'?"

"Oh, ow'oluganda! Omusajja ono yefuula Katonda?" Ekyo kyassuukkirira nnyo endowooza yaabwe ey'okuba n'eby'obufuzi mu by'eddiini. Naye gaali Mazima, Yali ekyo! Mulaba? Wabula bwe baasalawo, bangi tebamugoberera.

Olwo n'Akyuka n'Ayogera nti, "Okuggyako nga mulidde Omubiri gw'Omwana w'Omuntu, era ne munywa n'Omusaayi Gwe , temulina Bulamu mu mmwe."

Kaakati, mulaba mutya omuntu omugezi, nga muyivu kye yandirowoozezza? Nteebereza nga ba kabona abaali baamusembeza mu yekaalu bwe baaswala- ne baswalira ddal a nnyo okumusembezza munda. "Okulowooza nti omuntu ayimirira mu bantu n'ayogera ekintu nga ekyo, 'Okuggyako nga bantu mmwe mulidde Omubiri Gwange, ne munywa n'Omusaayi Gwange.'" ne boogera nti" Ono munywa-musaayi, mulaba "Mulye Omubiri Gwange era munywe...' Abange, ono musezi. Mmwe abantu balamu...muviire omuntu omuzoole afaanana bwatyo."

Teyakinyonyola, Yakyogera bwoogezi! Yakikola kubeesitazza, okwawula endiga Ze ku mbuzi. Yakikola kubeesalako. Oluvannyuma nga tewali ayagala kukolagana naye. Tebaalina nkolagana okuva awo okudda mu maaso. Mulaba?

81 Genderera, ku kiseera ky'akawungeezi, Katonda Yayita mu nsiisira n'Alaba abaali bakkirizza. Era Yakola ekintu ky'ekimu mu nnaku z'Omusumba-Nnabbi Omukulu. Mwetegereze Obuweereza bw'Omusumba-Nnabbi Omukulu, Naye mwekkeneenye kino, eri abakkiriza b'Obubaka Bwe, naye si...Obubaka Obw'akawungeezi buno, Tebaayinza kubukkiriza. Tebaayinza kukkiriza nti Yali Katonda. Baayagala kukoma ku kumulaba ng'omusajja omulungi. Baayagala okumulaba nga nnabbi. Yali muntu mulungi, era Yali Nnabbi, naye Yali Assukkulumye nnyo ku ekyo. Eyo y'enjigiriza ebunye wonna olwa leero, nti "Musajja mulungi, yali nnabbi." Tewaaliwo kimubulako okuba Emanweri! Yali Katonda Eyalabisibwa mu Yesu Kristo Omwana We, Ekyamufuula Ye ne Kitaawe Okuba Omu. Ky'ekyo Kyennyini kye Yali.

82 Zekkaliya 14:7, Nnyinza okwogera kino, kyogera ku Ebitangaala by'akawungeezi n'Obubaka nate mu biseera ebisemba. Mwali mukyetegerezza ekyo? Abo bonna abaagoberera Musa, ne balaba Empagi ey'Omuliro eyamwoleka ku lusozi Sinaayi. Yali yaweera Empagi ey'Omuliro eno obujulizi, era n'agyogerako nga bwe yali mu kisaka ekyali kitaggwaawo, era nga bwe Yamubuulira Obubaka buno, Bangi ku bo tebakikkiriza. Naye bonna abaamugoberera okuva e Misiri (abaava mu nsi ne basomoka ennyanja y'okwawukana, ne bayingira mu lukoola), baalaba Empagi ey'Omuliro y'emu (gye yayogerako) ng'Ekakasa

nti Omusumba-nnabbi oyo yali musumba wa ndiga omutuufu. Baagiraba naye bangi ku bo baasigala tebakikkirizza nga bamaze n'okugiraba.

83 Mwekkenneeye, nate, Katonda Atakyuka, Oyo Omusumba-Nnabbi Omukulu, bwe Yatwala abo bonna abaasigala Naye era wamu n'Obuweereza Bwe okutuuka ku lusozi lw'Omuzeyituuni; Omusumba-Nnabbi Omukulu, Oyo gwe Twogerako, Yesu [Ebbanga Ejjereere ku lutambi-Omuk.]...?...ne bawulira Kitaffe (Empagi y'emu ey'Omuliro) ng'Emukakasa, Eyo Eyakakasa Musa.

Katonda y'Omu Musa Gwe yayogerako, Yajja eri Musa n'Akakasa n'Empagi ey'Omuliro nti Ye Yakuwa eyali Akulembera Musa. Katonda Yali mu musumba-nnabbi We.

Wano Atwala omulala oli Omusumba-Nnabbi, Nnabbi Omukulu, Endiga Yennyini, Yesu, n'Atwala abasajja abalondemu basatu, n'Abatwala ku ntikko y'Olusozi Zeyituuni, era eyo n'Akakasizaayo Yesu. N'okugoba ne Yeegobako abantu abalala bonna, n'Ayogera nti, "Ono ye Mwana Wange gwe Njagala, Mumuwulire!" Bwe bayimusa amaaso, tebaalaba muntu yenna okuggyako Yesu yekka. Ekyo bwe kiri. Ye yekka Eyaliwo. Kati, ekyo ku nze kisalirawo ddala eggoye, okusinziira ku bye mbadde njogerako. Mulaba?

84 [Ebbanga Ejjereere ku lutambi-Omuk.]...?...[Ebbanga Ejjereere ku lutambi-Omuk.]...?...obwenyi. Musa yali mu kubeerawo kw'Ekitiibwa ky'Obwakatonda ku lusozi Sinaayi. Ne kukyusa endabika ye mu maaso. Bwe yakka wansi, yalina-yalina okwebikka akakaaya ku maaso, omusumba-nnabbi Musa; oyo Yakuwa gwe Yali atuddemu, mu kigera, kyali kigera, amaaso ge. Yalina Ekigambo mu kamwa ke.

Naye mwetegereze Omusumba Omukulu bwe Yali mu Kubeerawo kw'Ekitiibwa ky'Obwakatonda. Kiki kye kyakola? Kyakyusa endabika Ye yonna. Teyali kitundu obutundu ekya Katonda. Yali Katonda Yenna! Yali Emanweri.

Lwaki kyali nti baalina kuba basumba?

85 Mwetegereze! Mulabe, Kati, Katonda Omuyinza wa byonna alambula...oba kale, Yeeyolekera, mu Musa oyo omusumba-nnabbi. Mutunule mulabe engeri Katonda gye Yeebikkula.(Bino by'ebigambo bye enda okumaliriza nabyo.) Mumutunuulire, ng'ayimiridde ng'era afukiddwaako amafuta mu kubeerawo kw'Empagi y'Omuliro! Tewaaliwo mulala yenna ku lusozi okuggyako Musa ne Yakuwa. Amiina! Amiina kitegeeza nti "kibe bwe kityo."

Mwekenneenye! "Teeka omukono gwo mu kifuba kyo!" Naye Mwekkalirize akabonero kano ak'okubiri kati nga kalina eddoboozi. "Teeka omukono gwo mu kifuba kyo." Tetulina nsonga lwaki tukirowooza nti Musa yali akozesa mukono ogwa kkono, bwatyo ateekwa kuba nga yassa omukono gwe ogwa ddyo mu kifuba kye, n'okuba kiri nti abasajja abasinga bakozesa mukono ogwa ddyo. Yassaamu mukono gwe ogwa ddyo...kati mwetegereze! Nga kifaananyi kikulu kye tulaba wano, ekya Yakuwa mu Musa omusumba-nnabbi! Musa ng'akiikirira Katonda, kubanga Katonda Yali mu Musa. Mumulabe ng'assa..."Omukono mu kifuba." Nga kaali kabonero kakulu!

86 Kati, wuuyo awo ayimiridde, ng'atadde omukono gwe ogwa ddyo ku mutima gwe (ng'ayimiridde bw'ati) omwo ebyama ebikusike eby'obununuzi mwe byali bikwekeddwa okuva ku kusimbibwa kw'emisingi gy'ensi. Yiino ensonga lwaki baalina kuba basumba. Yesu gwe Mukono gwa Katonda ogwa ddyo, fenna ekyo tukimanyi. Ne Musa wuuyo awo ng'amwoleka butereevu. Yalina ebyama bya Kitaffe, era Abitulaze. Mwetegereze, mumulabe ng'aggyayo omukono gwe ogwa ddyo mu kifuba nga gujjudde nnamutta w'ebigenge. Yalaga Katonda kye Yali Ayinza okukola n'omukono gwe ogwa ddyo. Mwetegereze, ebigenge tebirina ddagala libiwonya. Mwetegereze, ate, tebyali bigenge ebya bulijjo, byali mu mutendera gwabyo ogusembayo, nga byeru ng'omuzira; omukono gwe gwakubwa ekintu ekibi ennyo. Musa yawulira atya nga aggyeeyo omukono gwe okuva ku mutima gwe, okuva mu kifuba kye, nga ku mukono gwe kujjudde ebigenge! Ebigenge byoleka kibi, ekitawona, nnaddala mu ddaala lyakyo erisemba.

87 Ate era, ab'oluganda, awo ensi we yali Katonda lwe Yajja Omukono Gwe okuva mu kifuba Kye! Ensi yali ekubiddwa nnamutta w'ebigenge, era nga tewali ddagala libiwonya. Bw'ekityo bwe kiri ne leero, kubanga tebaagala kwetwalira ddagala. Eddagala lyaweebwa e Kalivaaliyo, naye abantu baagala kwetwalira amalagala abantu ge babawandiikidde mu kifo ky'Eddagala Katonda ly'Awandiise okuwonya ekibi.

Genderera tebyajja mpolampola, ng'ebigenge bwe bitera okukola, naye byali bigenge eby'embagirawo! Bwe yaggyayo omukono gwe, gwali gukubiddwa, gwali gujjudde ebigenge. Genderera Katonda kye Yayogera, "Kaakati, temujja kugenda mpolampola mu kibi; naye olunaku lwe muliryako, lwe lunaku lwe mulifa." Era ekyo kituufu nnyo, "Olunaku lwe muliryako."

88 Mwetegereze, yali nnabbi-omusumba ey'ekuba ebigenge. Yakikola, ku kiragiro kya Katonda, n'assa omukono gwe mu kifiba kye, n'aguggyayo nga kukubiddwa ebigenge. Nnabbi-omusumba oyo yakyekolera ye mwene. Ne Nnabbi-Omusumba Omukulu, Yesu, Yakyekolera Ye Mwene, "Mpaayo obulamu Bwange, tewali muntu ayinza kubunzigyako." Yali Omusumba Omukulu, Nnabbi-Omusumba Omukulu, "Tewali ayinza kubunzigyako, Nkyekolera Nze Mwene." Mwetegereze tekyajja mpolampola, kyajjira mu ddakiika emu.

Omusumba Omukulu, Yennyini, Yeetikka omusango gwaffe ne Yeefumita, ne Yeetikka ebibi byaffe n'Abyetikka Ye Mwene. Tekyewuunyisa omuyimbi omu yagamba nti:

Wakati w'enjazi ezaatikayatika n'ebire ebikutte,

Omulokozi wange Yakoteka omutwe Gwe n'Afa;

Eggigi eryeyabuluzaamu lyalaga ekkubo

Eri Essanyu ly'Eggulu n'olunaku olutakoma.

89 Ekyama ekyo kyali mu kifuba kya Katonda emyaka egyo gyonna, nga kibikkiddwa n'Omukono Gwe ogwa ddyo, Yesu. Omusumba Oyo Omukulu Yeetikka Mwene omusango gwaffe ku lwaffe. Isaaya 53:6, kyayogera nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe. Okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku Ye. Era emiggo egyamukubwa gye gituwonya." Ekyama ky'okuwonyezebwa kwa Katonda kwali mu kifuba kya Yesu Kristo, oba Katonda, Yali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, era Oyo Ye Ndiga yekka eyalina ekyama ekyo mu kifuba Kye. Era eyo y'ensonga lwaki ebifaananyi by'ekyo wonna mu byafaayo byabanga Ndiga! Eyasooka yali ndiga, eyasemba yali Ndiga. Y'ensonga lwaki kyajja eri musumba, okumanya engeri y'okulabiriramu Endiga ze. Mukifuna? Mwetegereze, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'Abetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe, okubonerezebwa kw'emirembe gyaffe ne kuba ku Ye."

90 Mwetegereze, byajja mangu; era ne bigenda mangu, amangu ddala ng'omukono guggiddwa mu kifuba omulundi ogw'okubiri. Endwadde nnamutta yali egenze, bwe yaggyayo omukono omulundi ogw'okubiri. Era n'Omusumba Omukulu, Oyo Endiga-Nnabbi, bwe Yayogera nti...Ku musaalaba gw'Ekalivaaliyo, bwe Yali ng'Atusasulidde fenna omutango gw'ekibi, Yagamba nti, "Kiwedde." Ekibi kyaggwaawo, omutango nga gusasuddwa, amabanja nga gasasuddwa gonna! Tekyatwala mwaka, oba kukimaliriza nga kituukirira mu nnaku z'omuddaabuluzi oba omuntu omulala, Kyaggwera awo!

91 Ekibi Kyajjira mu kaseera katono nnyo, mu kumenya kw'Etteeka lya Katonda, era okumenya kw'Ekigambo kimu kyokka. Ekiro kya leero, baganda bange, emmeeme yo ewanikiddwa waggulu w'Eggeyeena ku lujegere. Ate olujegere olwo si njigiriza ey'omu sseminaaliyo ya bannaddiini, olujegere olwo si kibiina kya ddiini ekimu oba ekiyiiye kw'olamidde, Olujegere olwo kye Kigambo kya Katonda! Yesu Yawa olulyo lw'abantu Ekigambo Kye okusobola okubeera abalamu, ate Kaawa yamenya ennyingo yaakyo emu bw'eti. Era...Olujegere lwonna we lusinga okuba olunywevu weewo ku nnyingo yalwo esinga obunafu. Bw'oggyamu ekigambo kimu kyokka...Ebyo byali ku lubereberye lw'Ekitabo.

Yesu n'Ajja mu makkati g'Ekitabo, n'Agamba nti, "Omuntu taababanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Ebyo byali mu makkati g'Ekitabo.

Ku nkomerero y'Ekitabo, Yagamba nti, "Omuntu yenna anaaggyamu Ekigambo ekimu (okuvvuunula obukyamu Ekigambo kimu), n'aggyamu ekigambo kimu Wano, Nja kuggyamu omugabo gwe ku Kitabo ky'Obulamu." Oyita waggulu wa Ggeyeena, nga weekutte ku Kigambo kya Katonda. Tolekanga muntu yenna kukuyingizaamu ekintu kyonna ekitali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!

92 Oh, ndaba... Kale, boogera nti, "Mazima ddala, ku byonna ebyo bye tukoze. Byonna ebyo bye tukoze!" Ndowooza ebyo ba kabona abakulu n'abalala bye baalowooza mu nnaku z'Omusumba Omukulu. Ekyo Kaawa kye Yalowooza. Ekyo Setaani kye yamugamba,"Mazima ddala Katonda Tajja kukikola." Naye ate Yakikola, kubanga Yali Yayogera nti Waakukikola. Era eyo y'ensonga lwaki Agenda kukikola n'olwa leero.

Tekyewuunyisa, Yayogera nti, " Nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, emmeeme omunaana mwe zaalokolebwa, n'amazzi, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Mulaba, batono nnyo,"Kubanga omulyango mufunda, era n'ekkubo lya kanyigo eridda mu Bulamu, era batono abaliriraba. Kituufu ekyo. "Kubanga ekkubo ggazi eridda mu kuzikirira, era bangi abaliriyingiramu."

93 Omusumba Omukulu bwe yafumitibwa, Oyo Nnabbi Omukulu era Endiga, bwe Yafumitibwa emabega eyo, Yagamba nti, "Kiwedde!" Era mu kaseera ako kennyini, amangu ddala nga Omusumba Ono Afumitiddwa, Nga Kiwedde. Ekibi nga kikoleddwako, nga tewakyali na kibi kyonna. Nga balongoose, omutango nga gusasuddwa. Abo abakkiriza abaalina amannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu, nga baayawulibwa ku ntandikwa y'ensi, kyaggwa mu ddakiika eyo yennyini Yesu we Yagambira nti Kiwedde. Ye, Omusumba Omukulu, Yali Akimye endiga Ze. Kyali Kiwedde, omukono gwa ddyo ogwa Katonda gwaggyibwa mu kifuba Kye, Nga Afumitiddwa. Kati ate ku mazuukira n'Agukomyawo (amiina), n'Akusitula nate mu kifuba Kye, n'Agwanjuluza eri ggwe nange, mu kikula ky'Ekigambo Kye, okutunnunula okuddayo eri olusuku olwasooka ekibi mwe ky'atuggya. Ekyama ekikusike eky'omutima Gwe ogw'ekitalo kyabikkulwa Nnabbi-Omusumba. Ne Kibikkulwa Omusumba, Nnabbi-Omusumba.

94 Tekyewuunyisa nti ensozi zaabuuka ne zireekaana ku lunaku olwo. Tekyewuunyisa nti enjuba yeekweka n'eteraga maaso gaayo ne leekanira waggulu olw'essanyu. Tekyewuunyisa nti obutonde

bwonna bwasumulukuka; empewo yasuukunda emiti okutuusa nga gyesuukunze ne gyesuukunda, nga gijjudde essanyu, ne gibuuka. Gyalaba Nnabbi-Omusumba, ku lusozi, ng'Anunula buli linnya eryali mu Kitabo ky'Obulamu. Ne giraba nga nagyo gyali ginunuddwa! Ne gireekaana, ne gibuuka. Ensi nayo n'efuna musisi. Ensozi ne zeeyabuluzaamu, amayinja ne gafubutukayo. Enjuba n'egwa. Ne-bingi ne bituukirira. Nga mu lukuŋŋaana lwonna, Omusumba bw'Akikubikkulira nti "Kiwedde!" Awo...

95 Ndabye ku kubuukabuuka, n'okutiguka n'essanyu, nga tewali alumiziddwa. Ensozi zawuluguma, ne zi... enjuba n'egwa, era ebintu bingi ne bibaawo, naye tewaali muntu n'omu yalumizibwa. Era ndabye ku nkuŋŋaana amaanyi ga Katonda we geebikkulira abantu ne gabalaga nti "basumuluddwa kunsi wamu n'ebintu by'ensi," era n'essanyu lya Katonda ne lijjula ekibiina. Ne basituka ne baleekaana, ne bakaaba, nga baleekanira waggulu ddala, olw'ekitiibwa kya Katonda. Saalabako kintu kyonna kikyamu era ekyessittaza, baabanga bali mu nteeko nga tewali kisobye; kubanga kyali kibabikkuliddwa nti, amannya gabwe gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'Endiga nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Nnabbi-Omusumba omukulu Yali Abatuusizzaako Obubaka, era nga basumuluddwa, Nnabbi-Omusumba. Newankubadde ng'emitendera gy'obuyivu mu by'ediini gyakyogerako ki, baali nga bamanyi kiki ekibaddewo. Ng'abasumba bali bwe baakola emabega eyo, baali bategedde ekibaddewo.

96 Tewali muntu akkirizibwa okugenda ku mmeeza entukuvu okubuulira Ekigambo okutuusa ng'akoze nga Musa bwe yakola, okusisinkana Katonda, Yenyinni, eyo mu mpya omuntu eyasomerera eby'eddiini gyatasobolera kukinnyonnyola okukikuggyako. Musa Yaliyo! Sinsonga oba ababaka ba Isiraeri baayogera ki, "Oh, kyali kya busiru, wateeberezza buteebereza nti wakirabye; kya busiru," wali tosobola kukimuggyako, Yali amanyi! Yaliwo! Ye gwe kyabaako! Era teri muntu yenna ne bwaba ng'akozesa ddiguli y'okusomerera eby'eddiini oba ddiguli y'obwa Dokita mu kintu kyonna, alina olukusa lw'okudda emabega w'ekituuti okugamba nti avunaanyizibwa ku Bubaka bwa Yesu Kristo, okutuusa ng'asisinkanye Katonda maaso ku maaso mu Mpagi ey'Omuliro. Talina lukusa kweyita mubaka, kubanga olwo abaasomerera eby'eddiini bonna mu nsi tebasobola kukinnyonnyola Ekyo ggwe okukivaako. Kyali gy'oli! Waliyo, era olina ky'okimanyiiko. Tofaayo ku bonna abalala kye boogera, oba bayinza kwogera byenkana wa, "ennaku ezo zaayita, tekiri bwe kityo," ggwe...kyali eri ggwe ate nga kilambikiddwa ng'Ekigambo kya Katonda bwe kiri.

97 Yee, eyo y'ensonga lwaki Musa Yamanya nti eddoboozi lino eryayogera naye, Lyali Ddoboozi lya Kigambo. Yakimanya nti Katonda Yali Yayogera ne Ibulayimu nti, "Ezzadde lyo lirituula mu nsi eŋŋenyi okumala emyaka ebikumi bina, naye Ndibanunula." Yakimanya nti emyaka ebikumi ebina gyali giweddeko ng'era yali ayitiddwa kukikola.

Abasajja n'abakazi, Katonda Yasuubiza mu nnaku zino ez'oluvannyuma nti Ajja kufuka Omwoyo Gwe ku bonna abalina omubiri. Yasuubiza nti Ajja kuwa Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, era Aliyitayo Omugole ataliiko bbala newankubadde olufunyiro. Yasuubiza okukikola ekyo, era Ajja kukikola. Temuwuliriza bano abasumba abapangise, bajja kubawabya. Omwoyo Omutukuvu Ye Musumba Ow'okubaliisa emmere y'endiga okuva mu Kigambo Kye. Lubeerera kijja kiyita mu Musumba. Ye ye Musumba waffe. Mumuwulirize, mmwe ndiga z'omukisibo Kye; Bwe muba mutyo, muba muwulira Eddoboozi Lye . So si omuntu omulala yenna ky'ayogera, naye muwulira Ye ky'Ayogera. Eddoboozi eggwiira, teribakwatako n'akatono.

98 Oh, obange, wulira omusumba-nnabi oyo ow'amaanyi nate, ng'avvuunula era ng'ayanjula eri abantu, Yokaana (bwe yayimirira ku mugga Yoludaani), mulabe kye yayogera (yali ayimiridde awo, ng'abuulira), n'ayogera nti, " Essaawa ejja ..."

Genderera, Yokaana yali mwana wa kabona. Lubeerera baagobereranga lunyiriri lwa ba kitaabwe, era eyo y'engeri gye twafunamu amannya gaffe. Ekyo kye baakolanga mwe mwavanga erinnya.

Bw'atyo ne Yokaana yali wa kuba kabona nga kitaawe.

Ate, mukimanyi nti, maama we, bwe yafuna olubuto, oluvannyuma lwa Malayika wa Mukama okusisinkana kitaawe Zaakaliya, n'addayo eka eri Erisabesi, era yali amaze emyezi mukaaga mu...ng'anaatera okuba maama. Naye yali tawuliranga bulamu mu mwana, nga yeeraliikirira kubanga omwana yali tazannyangako. Ekyo sikyabulijjo.

99 Awo Omwoyo Omutukuvu, Malayika wa Mukama n'Alabikira Malyamu, n'Amugamba nti yali agenda "kuzaala omwana, nga tamanyi musajja," era n'Amubuulira embeera Erisabesi gye yalimu.

N'ayambuka mu nsozi z'Ebuyudaaya, okubibuulira Erisabesi, n'amugamba nga "bwe yali agenda okuba maama." Nga takitegeera, "nga tamanyi musajja." Wabula n'amugamba nti Omwoyo Omutuvu Yansiikiriza, era n'Agamba nti ekintu Ekitukuvu kino kye nnaazaala Aliyitibwa 'Omwana wa Katonda,'era ndi mutuuma erinnya 'Yesu.'" Era erinnya Yesu lwe Lyasooka okwogerwa mu kamwa k'omuntu, omwana omuto eyali omufu, mu lubuto lwa nnyina, yabuuka n'essanyu n'okuleekaana n'aleekaana; n'abuukira mu lubuto lwa maama omu, eyali tafunanga bulamu mu ye.

Erinnya lya Yesu Kristo Eryayogera obulamu okuba mu mwana omufu. Liyinza kukola ki eri ekkanisa

eyatula nti baazalibwa omulundi ogw'okubiri?

100 Olwo ffe ne tutuula awo nnagalaale, ne tuleka ebintu ng'ebyo okugenda mu maaso. Nga tutya okugolokoka okujulira ekyo ekiri ku mutima, wamu n'okunenya eby'obusirusiru bino byonna, tulage nti Yesu Kristo Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kiseera kya Ssekukulu, mufulumye ba Santa Claus bonna n'ebiri ng'ebyo, muggyeewo ebyo byonna eby'ettunzi ebitaliimu nsa. Ludda wa mu Baibuli we mwali muwuliddeko Santa Claus? Lufumo lwe Ruumi, temuli makulu n'akatono, tekiriiyo n'akatono. Temuyigiriza baana bamwe bintu ebitalina makulu ng'ebyo. Olumu bw'oliba olina okumubuulira nti lwali lufumo bufumo, ate olwo oliba wamala dda okulimba omwana oyo. Era kijja kwonoona n'obujulizi bw'oliba owa ku Yesu Kristo, kubanga ajja kugamba nti, "Osanga nabyo bwe biri". Muteeke Yesu Kristo Omusumba-Nnabbi Omukulu mu Ssekukkulu w'Alina okuba.

101 Genderera, wuliriza nnabbi ono, Yokaana, ng'ayimiridde awo. Fenna tukimanyi nti yali omusumba-nnabbi ow'amaanyi. Kati yalina Obubaka, era Malayika Yali Akimanyi nti ye yali ow'okwanjula Yesu.

Kaakati, yali tayinza kugenda mu Seminaaliyo. Bandimugambye nti, "Kaakati, okimanyi bulungi nti Dokita gundi ye musajja alina okutwala ekifo ekyo kati. Olina okumwanjula. Era okimanyi bulungi nti..." Mulaba, yali tasobola kwetabulatabula na bantu>

Bwe Yaweza emyaka mwenda, batugamba nti, yagenda mu ddungu okweteekateeka mu maaso ga Katonda. Eyo abasumba gye bava. Mwetegereze obubaka bwe tebwali ng'obw'eyasomerera eby'eddini, nga mulimu agagambo, agannene agalimu n'ebisoko. Yayogera nti, "Oh, mmwe abaana b'emisota." Ng'abigamba abasajja bannaddiini, mmwe ebisaaganda by'emisota." Ebyo bye yali alabye mu lukoola, yalaba emisota. Ekintu ekisembayo okuba ekya wansi kye yasangayo gwe musota, era ekyo kye yayita bakabona ne bannaddiini n'abaasomerera eby'eddiini ab'olunaku olwo, "Ekisaaganda ky'emisota!" n'abagamba nti, "Ani eyabalabula ku busungu obugenda okujja? Temutandika kwogera nti, 'Tuli ba kino, era ffe tuli ba kiri,' kubanga mbagamba nti Katonda Ayinza mu mayinja gano okugafuuliramu Ibulayimu abaana." Amayinja, bye yali alabye mu ddungu. "Ate, embazzi eteekeddwa ku kikolo ky'omuti." Ebyo bye yali alabye: emisota, emiti, eddungu. Mulabe, nate, obwo bwe bwali Obubaka bwe. Yali tamanyi bigambo binene ebya ba Dokita mu kusoma eby'eddiini (eyandibisaabuludde), ye yabuulira bubuulizi obutonde nga bwe bwali.

102 Ekyo kye tulaga wano: Oluga lw'omusumba, omusumba, endiga, n'olunyiri lw'obutonde.

Yakola ki? Yalina omulimu omukulu ogw'okukola, ye yali ow'okumanya Masiya. Yayogera nti, "Mbagamba nti, 'Ayimiridde wano mu mmwe kati. Ate temumumanyi, kubanga bye musoma mu maddiini gammwe bibasibye, okutuusa nga temumanyi na we muli.'"

Olumu Yesu Yajja ng'Atambula, n'abagamba nti, "Mulabe, Wuuyo Omwana gw'Endiga gwa Katonda Aggyawo ebibi by'ensi." Omwana gw'Endiga! Aleeruuya! Omutango ogwannamadala! Wuuyo Ajja buli ndiga yonna okuva mu Lusuku Adeni okuyita mu biseera ky'ebadde eyoleka mu kifaananyi, Omuntu owa bulijjo ng'aserengeta ku mugga.

103 Ne boogera nti, "Yokaana, wakimanya otya? Sirinaawo kya njawulo kye nnalabye."

"Naye nze nkakasa nti, nnalaba Omwoyo wa Katonda ng'Akka ng'Ejjiba, n'Eddoboozi nga Lyogera nti, "Ono ye Mwana Wange Omwagalwa mwe nsanyukira okutuula.'"

Laba Ejjiba n'Omwana gw'Endiga. Mulaba? Weewaawo. Watya singa kyali...Watya singa kyali ekintu nga...Watya singa gwali musege ogwali guyimiridde awo? Kale, Omwana gw'Endiga ogwo tegwandigenze ku...oba Ejjiba eryo...Katonda Yeeyolekera mu kifaananyi ky'ejjiba, ekinyonyi ekisingayo okuba ekiwombeefu mu binyonyi byonna eby'omu bwengula; Omwana We ng'Ayolesebwa mu ndiga, ensolo esingayo okuba n'obuwombeefu ku nsi. Mulaba, ekinyonyi eky'omu bwengula ekirongoofu, ssi nnamungoona; si nsega, naye ejjiba. Si mbizzi, naye omwana gw'endiga. Ebikula ebirala byonna tebyandikwataganye.

Era weetegereze Ejjiba bwe ly'Akka ku Mwana gw'Endiga, Lyamukulembera. Si mu kwagala Kwe, wabula mu kwagala kwa Kitaawe kwe Yali agenda okumuluŋŋamizzaamu. Eyo y'engeri omwana gw'endiga omutuufu gy'alimu olwa leero. Oh mmwe endiga z'omukiseera kya Ssekukkulu, temukimanyi nti Katonda Akulembera na Kigambo Kye kyokka? Olwo Lwe Luga Lwe.

104 Mwetegereze wandiba nga tewali kyabaawo, naye Yokaana yayogera nti, "Abalala tebaakiraba, naye nze nkakasa nti, 'nnakiraba.'" Ng'amwanjula: "Laba Omwana gw'Endiga Aggyawo ebibi by'ensi."

Nsaba nnyanjule Obubaka Bwange obwa Ssekukkulu, nga mmaliriza kati: "Yesu Kristo, Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ye Mwana gw'Endiga Omu Oyo. Akyali Mwana gwa Ndiga olwa leero nga bwe Yali Ku olwo. Ali mu ngeri y'emu wano nga bwe Yali wali, kubanga Ekigambo Kye ky'ekimu. "Ababiri oba abasatu we baba nga bakuŋŋaanye mu Linnya Lyange, Nange Ndi awo wakati waabwe." Ky'ekyo kyennyini kye Yayogera. Takyuka, Ye Katonda Ekigambo. Takyuka; Akyagabirira endiga Ze, Era ng'Aziriisa n'emmere Ye

ey'endiga okusookera ddala ng'Akozesa Omuntu We Omusumba-Nnabbi. Si eri abasomerera eby'eddiini; wabula eri endiga Ze.

105 Tebajja... Abalala abo bayinza batya okugirya. Naye abagezi... Mwetegereze kino! Naye abagezi n'abayivu, abakenkufu

b'ensi, bakyayagala okugamba nti eriyo Santa Claus. Ate era balina ebika by'ebintu ebitali bituufu n'ebiri ng'ebyo bingi bye basinza, kubanga tebaagala kumukkiriza Ye, Ekigambo; kubanga mu maddiini gaabwe, tekigya mu kuyaayaana kwabwe, abasumba abapangise aba leero. Abo abapangisiddwa ebiyiiye, era abaagala okubaggattira wansi w'embuzi emu, temubikkirizanga ebyo! bajja kubakulembera okuyingira ebbaagiro. Muwulirize Omusumba Omukulu Oyo Eyazaalibwa emyaka lukumi mu lwenda egiyise, omwezi guno. Oluvannyuma lw'akaseera, mu Bubaka Bwe, wajjawo abasumba abaali bamanyi okulabirira endiga.

Nga twekenneenya, bakyabyagala. Tebayinza kukikkiriza leero, mu ngeri y'emu nga bwe batakyagala ku luli, kubanga tekigya mu kuyaayaana kwabwe okw'ebyobufuzi mu ddiini. Bakyusakyusa Ekigambo ekyo ne bakifuula ekiggya mu kibiina ky'eddiini kyabwe, ate tebajja kubuulira Kigambo. Tebajja!. Boogera nti, "Kale ebyo byali bya mu nnaku z'abatume. Tekitegeeza kino." Kitegeeeza ekyo kye Kyogera, Tekyetaaga muntu yenna ku...?...kukibavvuunulira.

106 Kaakano leka mukiseera kino tukoteke emitwe n'emitima gyaffe nga tutunuulira enfuufu y'ettaka, era nga twanguwa okudduka okugenda mu kibanvu, okulaba era okufuna Ekitangaala ekireetebwa Ekigambo Kino okuyita mu Musumba: Nnabbi-Omusumba Omukulu, Yesu Kristo Omwana wa Katonda. Ntutte akabanga nga njogera nammwe. Nnyinza okuba ng'ebigambo byange Sibisengese bulungi ng'omunnaddiini bwe yandikoze, siyinza kukikola ekyo. Ngezaako okwogera nga Ye bw'Akimpa.

Naye, mukiraba lwaki baalina kuba basumba? Abalala bo bali batendekeddwa mu kirowoozo ekirala okutuusa bwe baalemwa okukifuna. Ate ne leero tulina ebika by'abalabirizi, ab'amasaza,

abalabirizi, bakabona, ba Kalidinaali, ba paapa, buli kintu kyonna mu nsi, nga bagezaako okutukulembera. Naye Katonda Yatuwa Omusumba, era Omusumba Oyo ye Mwoyo Omutukuvu.

107 Mumpulirize kaakati. "Bwe Yali.."(Si ekirowoozo, Ye nga twogera ku ky'obuliwo) "Ye, Omwoyo Omutukuvu bw'Alijja (Omwoyo ow'Amazima) Alibabikkulira ebintu bino bye Mbagambye, era Alibalaga ebigenda okujja." Oyo Ye Musumba Omukulu, Oyo Ye Musumba Yesu gwe Yaleka emabega. Ate Omwoyo Omutukuvu ye Yawandiika Baibuli, Bayibuli Yakyogera, "Abasajja ab'edda, nga balungamizibbwa Omwoyo Omutukuvu, baawandiika Ekigambo," Kati, Omwoyo Omutukuvu Ayinza okukuwalula ng'Akuzza eri ekiyiiye? Ayinza okukuwalula-okukuwalula nga Akuzza eri ekintu Ekigambo Kye kye kitaayogera? Kale, Mazima ddala tekisoboka n'akatono. Awo Omwoyo Omutukuvu aba Afuuse mulimba bw'Aba nga Yayogera nti "Kino kye mulina Okukola," awo oluvannyuma ne Yeekyusa n'Agamba nti, " Nedda, eri yali nsobi, kati mukole ekkanisa ky'ebagamba okukola."

Kati, bw'oba ng'obadde olina ky'owuliriza, ekirala nga kyakuggya ku kyannamaddala, Omusumba omutuufu Anaakukulembera Akutwale eri Ekigambo, Omwoyo Omutukuvu, era nga tolina bumanyirivu, ng'era tolina kulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwo, ekyo nga tokirina...

108 Katonda Ali Omu. Katonda ye Yekka Alina Obulamu Obutaggwaawo, era Ye bwe Bulamu Obutaggwaawo. Era buli kintu kyonna ekirina entandikwa kirina ekkomo. Ate bw'oba ng'oli bubeezi mmemba wa kkanisa , yalina entandikwa. Naye Ekigambo kya Katonda tekirina ntandikwa, Katonda Talina...Era bw'oba nga wazaalibwa Ekigambo, olwo ng'oli mwana wa Katonda, ate ng'erinnya lyo lyassibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'Endiga nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Era kati ggwe, langi y'enviiri zo, ne langi y'amaaso go, n'ekikula kyo, Katonda Yakulaba nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Era Yakulaba, ng'oli muntu, nga bw'oli. Era ne bwe wanaayitawo akakadde k'emyaka, tewali kiyinza kukuziyiza kudda mu kikula ekyo ekituukiridde Katonda kye Yakwawulira okuba ku lubereberye, "Endiga zange ziwulira Eddoboozi Lyange, omugwira teziyinza kumugoberera."

109 Era bw'oba nga tonnakkiriza Bulamu Obutaggwawo obwo, ekiro kya leero, era ng'otunuulidde e-e-ekyafaayo ekiyiiye eky'omwana omuwere ng'ali mu kibanvu, era nga waliwo akabinja k'abasajja abagezi akamwetoolodde, temukkiririza mu bintu ng'ekyo. Ate ng'oli mu kulowooza nti, "Kale, nze nja kuba mulungi. Era nja kukola kino. Era nja kwegatta ku Kkanisa. Ate ekyo kye kyokka kye nnina okukola." Obuze. Bw'oba nga tolina Bulamu Obutaggwaawo, oyinza otya okubeera omulamu olubeerera?

Oyinza okukwata empeke ya kasooli, sifaayo ne bw'eba ng'efaanna etya obulungi, oyinza okugi...Ssaayansi alinayo gy'agunze, gy'osobola okwawuzaamu: nayo erina amazzi ge gamu, omutima gwe gumu, n'ebirungo bye bimu ng'eri empeke ekulidde mu nnimiro by'erina, ebintu by'ebimu. Oyinza okuziteeka mu kifo gye beekenneenya ebya Ssaayansi, n'olemwa okulaba enjawulo ezirimu: emu ejja kukola ekitole ky'akawunga ng'endala nayo bw'eneekola, era emu ekole emberenge ezitulise nga n'endala bw'eneekola. Naye engeri gy'onooyinza okuzaawula, kwe kuziziika. Eyo eyakolebwa omuntu, tevaayo,

evunda n'etameruka. Naye Katonda gye Yakola, erina ekinyusi ky'obulamu mu yo, ejja kumeruka nate.

110 Oyinza okugeegenya Omukristaayo, Oyinza okugenda mu kkanisa ng'Omukristaayo, oyinza n'okuwandiika erinnya lyo mu kitabo ng'Omukristaayo, oyinza okwegatta ku kibiina ky'eddiini ng'Omukristaayo; ebyo byandiba ebirungi, naye okuggyako ng'Obulamu Obutaggwaawo buli mu ggwe, obwo Omusumba Omulungi bwe Yaweerayo Obulamu, okwegabanya...Katonda bwe Yakka Wansi ku Pentekoote, Yajjira mu nkulungo y'Omuliro nga bwe Yakola ku lusozi Sinaayi, nga bwe Yakola eri omusumba eyasooka, Musa. Era bwe Yakka, Yeeyawulira mu nnimi ez'omuliro ezaali zitudde ku buli muntu eyaliwo. Katonda nga Yeegabanya mu bantu Be. Era okuggyako ng'ofunye ekyo...Peetero yayogera nti "Kyammwe, n'eri abaana bammwe, n'abali ewala."

111 Ab'emikwano, Temuwuliriza kigunjeewo ky'obunnaddiini kyonna, muzaalibwe omulundi ogw'okubiri. Era bw'oba bw'otyo, Omwoyo ali mu ggwe aba kitundu kya Katonda, era akkaanya na buli Kigambo kya Katonda nti "Ge Mazima." Bw'oba nga tofunanga bumanyirivu obwo, leka twanguweko okugenda eri ekibanvu, Ekigambo. Leka tuddukire eri Baibuli, nga tuviira gano amakanisa ge batonaatona nga geesigamye ku nkola y'ekinnaddiini, tugende eri ekibanvu ekyannamadala, eri Ekigambo kya Katonda era Masiya gy'Alabisibwa.

Nga tukotese emitwe gyaffe, leka tusabe.

112 Ai Katonda, ekyo kye nsobodde okwogera mu kaseera kano. Tusemberera Ssekukkulu, enguudo zijjudde abasajja n'abakazi, abalenzi n'abawala, nga beesindika, bawagaanya, nga bagezaako okugula ebirabo okusobola okuddiza mikwano gyabwe nabo abaanaakola ky'ekimu. Abantu abeeyita Abakristaayo bali bweru mu nguudo nga bagula sigala, emyenge, ng'ebirabo bya Ssekukkulu. Ai Katonda, kirabika nga babikukasukira mu maaso Go, nga bayigiriza abaana baabwe ebintu ebitali bituufu, ebye Ruumi, enjigiriza ey'obukaafiiri eya Nicholas omutukuvu, ekigunjeewo ekkirizibwa amangu ensi, ate ne bagaana Kristo owannamaddala owa Ssekukkulu, Omwana gw'Endiga Omutuufu.

Ai Katonda, nsaba, ekiro kya leero, nti nga bwe tulina emitwe gyaffe nga tugikotese eri enfuufu mwe Watuggya,...Olumu Wagamba Ibulayimu, oyo nnabbi-omusumba ow'amaanyi nti, " Fuluma, Ibulayimu, era obale omusenyu oguli ku mbalama z'ennyanja."

N'akuddamu nti, "Tegubalika, Sisobola kugubala."

Olwo N'omuddamu nti, "Tunula waggulu mu Ggulu, era ombalire emmunyeenye." Era yali akimanyi nti nakyo kyali tekisoboka . Era olwo n'Omugamba nti, "N'ezzadde lyo bwe liriba." Tutunuulira obubaka obwo eri omusumba-nnabi oyo, "okuva mu nfuufu y'ettaka, okudda eri emmunyeenye z'omu Ggulu," anti ne bwe wanabaawo okufa mu mibiri gyaffe gino egivunda okunaatutwala mu nfuufu, waliwo Obulamu obusobola okutusitula okututwala eri emmunyeenye.

113 Era nga bwe Wagamba nnabbi Wo omukulu Danyeri nti, " era abo abamanyi Katonda Waabwe, mu nnaku ez'oluvannyuma, balikola eby'obuzira. Ate abo abakyusa abangi eri obutuukirivu balyakaayakana okusinga emmunyeenye emirembe n'emirembe."

Ai Mukama Katonda, Omutonzi ow'Amaanyi, Eyayagala okusingawo okujja ku nsi mu kikula kya Yesu, okusobozesa omuntu okumanya kiki Katonda kye Yali. Era nga Ggwe Wekka Eyali Asobola okwetikka ekibonerezo ky'okufa, tewaali Malayika yenna, oba oyo akukiikirira eyali akisobola. Ggwe Wateekawo ekibonerezo, era nga Gwe Wekka eyali Ayinza okukiggyawo mu bwenkanya. Era olw'okuba Oli Omwoyo wali toyinza kufa. Naye Wafuuka Omuntu osobole okufa; era ofuuke Omwana gw'Endiga Olyoke Oggyewo ekibi ky'Abanunule Bo, be Walina okununula n'Omusaayi Gwo gwennyini.

Oh, ebigambo ebyo bikulu nnyo, Mukama, biyita ne ku mitwe gy'abantu bangi. Okukirowoozaako: "Yakuwa Omuto, ng'Agalamidde mu kibanvu, Yalina okubaawo ng'omwana omuto. Yakuwa Omuto, ng'Azaaliddwa mu kiraalo. Yakuwa Omuto, ng'Azannya n'abaana mu nguudo. Yakuwa Omuto, nga muvubuka, Yakuwa Omuto, Omwana w'essomero. Ate Yakuwa Omuyinza wa Byonna." Watwala ebifo bino byonna. "Ate oluvannyuma, Yakuwa, Omwana gw'Endiga. Yakuwa, Nnabbi." Era Wafuuka bino byonna Osobole Okubonaabona ku lw'ekibi, n'okutuwa Obulamu Obutaggwaawo.

114 Tusonyiwe, Ai Katonda, ffe, abanaku, ebitonde ebitagwanidde eby'omu nsi muno. Tuwulira obuswavu ekiro kya leero, Mukama, bwe tusoma ebyo by'Otukoledde, ate nga ffe tukukoledde bitono nnyo. Engeri gy'Ojja mu nnaku z'abakulembeze b'amaddiini abaatiikirivu! Nga bwe Wali omwetegefu okuyimirira n'okwoleka Ekigambo kya Kitaffe! Nga bw'Otekkiriranya ku biyiiye byabwe! Nga ne leero kirabika ng'awatali muntu mwetegefu okuyimira n'okuyita Ekigambo nti kye "Ekigambo," n'atekkiriranya. Tusaba, Ai Katonda, Otusonyiwe olw'ebintu bino bye tulekeredde. Era Otuwe ekiro kya leero, mu mitima gyaffe, nga bwe tugikuwa ng'ekibanvu. Ate nga tukimanyi nti buli kaseera Kristo Eyakomererwa bw'Akkirizibwa, wabeerawo okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, wabaawo endiga ezaalibwa,, ne wabaawo n'okuyimba kwa Bamalayika mu Ggulu. Ku buli mwoononyi eyeenenya, Bamalayika Bayimba nate.

Tusaba, Ai Katonda, nti bwe wabaawo wano ekiro kya leero abatakumanyi ng'Ekirabo kya Katonda

ekyannamaddala, ng'Omulokozi waabwe, nga sikirowoozo bulowoozo ek'yomu bwongo, naye nga kiyise mu kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri (okw'okuzaalibwa n'Omwoyo Wo), nsaba bakifune kati, Mukama, nga tukyakotese emitwe gyaffe. Era bwe waba nga waliwo omu bw'ati, Mukama, atakikolanga kino, emitima gyabwe leka gifune essanyu kaakano, era bazuule ng'abasumba bali ab'edda, mu kibanvu ky'emitima gyabwe, Ekigambo, Masiya; Anaakakasibwa gye bali okuba Omwoyo Omutukuvu, Oyo Omusumba Omukulu owa leero. Tukisabye kino mu Linnya Lya Yesu.

115 Nga tukyakotese emitwe gyaffe, nzikiriza nti n'emitima gyaffe tugikotese, wandyagadde-wandyagadde, muganda wange omwagalwa, yadde oli mmemba wa kkanisa...Wabula leka nsuubire nti sibanyiizizza olw'okwogera bye njogedde. Nze...Kirungi okuba n'ekkanisa, tulina okukikola ekyo, naye, Oh, Muganda wange, tomala gakkiriza ekyo kyokka, Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ekyo Nnabbi-Omusumba Omukulu kye Yayogera, "Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri." Ekyo nno yakigamba muntu eyasomerera eby'eddiini, "Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri."

Ate bw'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, tekiba lwakuba nti okirizza bukkiriza. Bagamba nti, "Ozaalibwa lw'okkiriza."

Naye Baibuli yagamba nti, "Setaani naye, akkiriza." Kati mwetegereze, si ky'ekyo, wabula bumanyirivu bw'ekintu ky'oyitamu.

Oyinza okugamba nti, "Kale, nze mbadde n'obulamu obulungi."

N'abatume bwe batyo, naye baali tebannazaalibwa mulundi gwa kubiri okutuusa lwe baafuna Omwoyo Omutukuvu. N'okukyusibwa baali tebakyusibwanga okutuusa lwe baafuna Omwoyo Omutukuvu. Mujjukira ekiro ekyakulembera okumulyamu olukwe...oba ng'okulyamu olukwe tekunnabaawo? Yesu Yagamba Simooni Peetero nti, "Bw'olikyusibwa, olwo onywezanga baganda bo." Ate Peetero yali amugoberedde okumala emyaka esatu n'ekitundu, n'okugoba nga yagobanga emizimu, n'awonyanga abalwadde, n'abuulira n'Enjiri, era nga (okusinziira ku Kigambo) yali takyusibwanga.

116 Kati, wandyagadde Omubaka nga-ng'Oyo mu mutima gwo ekiro kya leero? Bw'oba-bw'oba nga ddala okyagala Ekyo...tekirina makulu omuntu omulala yenna ky'ayogera, Kyo kituufu, ow'oluganda, mwannyinaze. Nkimanyi ekyo okuba ekituufu. Wandyagadde, nga buli mutwe gwekotese nga ne buli liiso lizibiridde, si eri nze, kubanga nze ndi muntu buntu, muganda wammwe, naye eri Kristo oyinza okuwanika omukono gwo, n'ogamba nti, "Nkikkiriza ekyo. Era nneetaaga Kristo Oyo Ajje mu mutima gwange, Kristo Owannamaddala owa Ssekukkulu"? Oyinza okuwanika Omukono gwo kati? Mukama Akuwe omukisa. Ekyo Kirungi,. Mukama Akuwe omukisa, nawe. Mukama Abawe omukisa. Owange, emikono giri buli wamu.

Leka kituukirire, ow'oluganda; leka kituukirire, mwannyinaze; leka kituukirire, mukwano gwange; ojjuzibwe n'Omwoyo wa Katonda. Kirina njawulo ki gye kikola olw'ebyo omulala yenna by'ayogera? JJukira nti, bulamu bwo. Tuyinza n'obutabaawo ku nsi enkya kumakya, te-tetulina bukakafu obw'obulamu obusinga ku bwe tulinawo kati nti tussa omukka mu nnyindo zaffe. Tuyinza obutaddayo kussa mukka, kisa kya Katonda kyokka. Era kigasa ki, okuba nti obadde n'obulamu obulungi nga...? Yesu Yayogera nti, "Okuggyako ng'omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, talina ngeri yonna gy'aliyingira."

117 Kati, mmanyi ennyinyonnyola eziwerako ku kuzaalibwa ogw'okubiri kye kiri, naye leka twekenneenye ekyaliwo mu Baibuli bwe baazalibwa omulundi ogw'okubiri. Peetero yali mukkiriza, n'abatume baali bakkiriza, naye baali tebazaalibwanga mulundi gwa kubiri okutuusa ng'Omwoyo Omutukuvu ng'Abasseeko ku lunaku lwa Pentekoote. Kaakati, baali beewuunya kiki ekyali kibaddewo Peetero n'ayogera, wamu n'abalala nti, "Mmwe abasajja Abaisiraeri, mutegeere kino nti; Yesu Omunazaaleesi, Omuntu eyalagibwa Katonda mu bigambo eby'amaanyi n'obubonero n'eby'amagero awamu n'ebyewuunyo, Katonda bye Yamukozanga; Oyo Eyayawulibwa edda olw'okuteesa kwa Katonda, era okuyita mu bumalirivu bw'olukiiko, mwamutwala n'emikono gy'abantu ababi, ne mumukomerera. Naye Oyo Katonda gwe Yazuukiza, era tuli bajulirwa Be. Yayiwa omusaayi ku lwa kino kye mulaba era kye muwulira kaakano, ng'ate kisinzidde mu Byawandiikibwa."

Kati olwo, bwe baawulira ebyo, ne kibalumiriza mu mitima gyabwe, ne boogera nti, "Abasajja ab'oluganda, tukole tutya okulokoka?"

Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye!"

118 Kaakati, mukwano gwange Omukatoliki atudde wano, nga muli bana oba bataano abatudde wano okusinziira ku kye mmanyi. Nnali nteesa n'omusossodooti wammwe, ayinza okuba nga si musossodooti wammwe naye omu ku basossodooti, eyagamba nti, "Yesu yawa ekkerezia amaanyi okuggyawo ebibi, 'Bonna be munnaggyangako ebibi, nga bibaggibwako; ne bonna be munaasibangako ebibi, nga bibasigalako.'" Ekyo Kituufu. Naye leka tulabe Ye bwe Yakikola, Ng'abatume bwe baagoberera ekiragiro Kye, si mu ngeri eyo-eyo omusossodooti bw'akola olwa leero.

Naye Kale Omusossoddoti eyasooka, bwe muba mwagala okumuyita ekyo, Peetero, Yalina ebisumuluzo by'Obwakabaka, Yagamba kikolebwe kitya? Yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmmwe,

era mubatizibwe mu Linnya Lya Yesu Kristo olw'okuggibwako ebibi, era munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. Kubanga okusuubizibwa kwammwe, era kwa baana bammwe, n'abo bonna abali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama Katonda Waffe." Era Katonda bw'Aba Akyayita, obumanyirivu obwo bwennyini weebuli era bubwo, bw'onoogoberera ekiwandiiko ky'eddagala ekikuweereddwa. Ekibiina kino bwe kiba nga kikikkiriza Ekyo, nga tukyakotese emitwe gyaffe muddemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."- Omuk.] Kati olwo nga buli kyonna ekitatuuse ku ddala Eryo kiba kikontana n'Ekigambo, era nga tekisinziira ku Musumba.

119 Mukama Yesu, baabo mu mikono Gyo kaakano. Nsaba nti buli mutima gwonna omuggule ekiro kya leero ogutannaba kufuna Kristo, Masiya (ate nga Kristo kye Kigambo, Ekigambo ekyafukibwako amafuta nga kibikkuliddwa), ate singa wabaawo wano emitima egiggudwawo ekiro kya leero nga tegirina Masiya Oyo (Ekirabo kya Ssekukkulu ekituufu, ate nga kye Kirabo kya Ssekukkulu kyokka ekituufu, Katonda kye Yawa ensi, n'Akirangirira eri ensi okuyita mu basumba, b'Omwana gw'Endiga We, Omutango gw'ekibi), singa omutima ogwo guggudwawo, ekiro kya leero, Ogusseemu, Mukama, Masiya Ekigambo kya leero. Tubakukwasizza mu Linnya Lya Yesu Kristo, Omwana Wo. Amiina.

120 Mumwagala? Mumukkiriza? "Musooke munoonye Obwakabaka bwa Katonda, n'Obutuukirivu Bwe, ebirala byonna muli byongerwako."

Ab'emikwano, Nga tetunnaba kubasiibula, Njagala okwogera kino. Emirundi mingi, abantu balemwa okuntegeera. Nnina Obubaka okuva eri Katonda, era nnina okwasanguza obubaka obwo ne bwe kiba kiki. Nkimanyi nti nabwo tebabutegeera. Singa tebwali butyo, olwo tebwandibadde Bubaka bwa Katonda; tebwandibadde. Waliwo okubuzaabuzibwa kungi leero nti tewabulayo bantu batabutegeera. Nzikiriza nti Katonda Alina abantu Be mu buli kibiina kya ddiini n'ebibiina eby'ensi, era tekiri nti mpalana baganda bange. Najja wano e Tucson, emyaka esatu emabega, era n'embeera n'olukuŋŋaana nammwe abaweereza ewa ow'oluganda Gilmore, era kyabuuzibwa nti, najja "kutandika wano ekkanisa?"

Nnabaddamu nti, "Nedda, Ssebo. Nnajja wano okubayamba." Naye tewali yali ampise, okumala emyaka esatu. Naye era mu buli ngeri, Ndiwo okubayamba. Ndi wano okukwatira awamu nammwe, si mu kukola ebibiina nammwe, naye okukwatira awamu n'emitima gyaffe nga giri wamu ku Kigambo kya Katonda, nga tugezaako okubuulira Enjiri eri buli mmeeme eyabula na buli muntu ali mu bwetaavu ng'awulira amaloboozi gaffe.

Nneewaayo eri Katonda, ekiro kino, n'omutima gwange, na buli kyonna ekiri mu nze. Sirina bingi bya kuwaayo; siyinza kuleeta bubaane, omugavu, ne zaabu, kubanga sirina kye nnina. Naye kyonna kye nnina mu nze nti Katonda Yampa, obulamu buno, mbumuwa buto ekiro kino, nga mbutadde mu kibanvu ky'Ekigambo kye ekiri mu mutima gwange; era ne mmusuubiza nti, nja kuyimirira n'Ekigambo ekyo, bw'Anandekawo okumala omwaka omulala, nga ndi mwesigwa nga bwe nsobola; mbuulire buli kyonna ku Kyo, nga nkikiriza mu bujjuvu, Onnyambe, kibe kityo, Ai Katonda. Munaakola ky'ekimu wamu nange?

121 Tukkirize, Ai Mukama, Tusembeza Ekirabo Kyo ekya Ssekukkulu, Masiya, Ekigambo ekyafukibako amafuta ekikakasa nti Oli naffe, Mukama, awatali kwesiba ku nzikiriza oba kibiina kya ddiini. Twesanze, olwaleero, ng'ensi eri mu kusasika, ate Wuuno wano Masiya Omukulu ng'Ayanjuluzza emikono Gye: Yesu Kristo Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Eyawa ebisuubizo, nti mu nnaku zino ez'oluvannyuma, ekkanisa ejja kuba yeesibidde mu nkola z'ebibiina okutuusa nga bayingidde mu Lawodikiya. Era tukirabye leero, Mukama.

Tukole tutya Ai Katonda Omwagalwa? Nkole ntya Nze? Nnyamba nze n'abasumba abalala bano, Mukama, wonna mu nsi, abasumba b'Ekigambo, okukirangirira, Mukama, mu mwaka guno ogujja. Tuyambe, Mukama, tukisaba. Tuwe Okwagala Kwo n'Omwoyo Wo n'Ekitangaala Kyo. Twewonga buto ekiro kya leero eri Ekigambo Kyo n'eri okuyitibwa Kwo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, tufuna Ekirabo Kyo ekya Ssekukkulu: Ekigambo kya Katonda nga kyambadde omubiri mu ffe. Amiina.

122 Njagala nnyo ennyimba z'ekkanisa. Pawulo yagamba, mu Baibuli nti, "Bwe nnaayimba, nnaayimbira mu Mwoyo. Bwe mba mbuulira, mbuulira mu Mwoyo. Bwe mba...buli kyonna kye nkola, nkikola mu Linnya Lya Yesu Kristo." Kati, nga kino bwe kiri nti kibakaluubirizzaamu... Ate Nze-Mbasiima. Nzize n'Obubaka buno. Ebiseera ebimu mpulira muli nga ssaagala na kubyogera, naye ate nga nkwatiddwa entegetege n'amagulu, ab'oluganda. Bwe sikikola ekyo, olwo nga ndi munnanfuusi. Bwe sikola bw'entyo, mba ndiddemu olukwe mu ndowooza yange endi mu mutima, era ne mu kukkiriza kwange mu Kigambo kya Katonda. Nteekwa Okukikola, Si kwawukana bwawukanyi,wabula okuba Omwesigwa eri okuyitibwa kwange. Era njagala nnyo okubayamba mwenna, njagala nnyo okukola buli kye nsobola.

Kati leka tuyimbe olumu ku nnyimba enkulu ezibaddewo okuva edda nnazikuno, ndwagala nnyo, Mmwagala. Mumanyi, Nzikiriza singa ffena tumwagala, twandikoze by'Ayagala tukole. 'Mumpita mutya, 'Mukama,' ng'ate temukola ebyo bye Mbalagira okukola? Mumpita mutya Nze, 'Mukama,' ate olwo ne mugaana okukola ebyo bye Mbagambye okukola?"

123 Wandyagadde obeere nga waakiri okuwuliriza omusumba omupangise ajja okukugamba nti "Wandiika

erinnya lyo mu kitabo, era otweggatteko; twala okussa ekimu, yogera bw'oti, era byonna biri bulungi," ng'ate Omusumba Omukulu Yennyini Yagamba nti "Okuggyako ng'omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri tayinza na kulaba Obwakabaka bw'Eggulu"?

Ate mulabe abaasomerera eby'eddini abatendeke ab'olunaku olwo, nga batendeke! Batukuvu? N'obulamu obulongoofu? Tetulina na be tuyinza kubageraageranya nabo leero, obulamu mwe baatambuliranga. Naye Omusumba Omukulu Yabayita kiki? Yabagamba nti, "Muli ba kitammwe Setaani," kubanga bagaana...Bategeera Ekigambo, naye nga Kigambo kya lunaku lulala, si Ekigambo ky'olunaku olwo.

Singa bali bategedde ebiseera bya Nuuwa, ekyo kyandibadde kirungi, naye ebyo byali biseera bya Nuuwa; era nga tekyandikoze mu biseera bya Musa. Ate ng'ebiseera bya Musa tebyandikoze mu biseera bya Kristo. Mulaba? Ebiseera by Luther tebyandikoze mu biseera by Wesley. N'ebiseera bya Wesley tebyandikoze mu biseera bya Pentekoote. Ate ne Pentekooti ekoze ekintu ky'ekimu abalala bonna kye baakola. Kati, b'ani ababadde bannyamba mu nnaku eziyise? Mbabuuzizza.

124 Omutunsi gw'akasubi bwe gusituka, kiba kiki? Kiki...Omutunsi gw'eŋŋaano bwe guvaayo. Yesu Yagamba nti, "Okuggyako ng'empeke y'eŋŋaano egudde mu ttaka." Kiki ekibaawo empeke y'eŋŋaano...oba eŋŋaano bw'egwa mu ttaka? Ekisooka okuvaayo gwe mutunsi. Te-Tegufaanagana na mpeke eyasimbibwa mu ttaka. Mwetegereze obutonde. Tegufaanana mpeke eyasimbibwa, naye yeetisse Obulamu bw'empeke eri. Kiki ekyavaayo...

Omukaafiiri oli eyawandiika ekitabo ekyatiikirivu kye bayita, Katonda Omusirifu, yayogera nti, " Wayinza watya okuba Katonda Eyayawulamu wakati Ennyanja Emmyufu, ate n'Atafaayo mu myaka olukumi egy'emirembe egy'ekizikiza, ng'Alaba abaana abato baliibwa empologoma, n'abantu nga bawanikibwa ku misaalaba, abalala nga battibwa mu bisaawe by'emizannyo n'ebirala ng'ebyo, n'Atabaako ky'Ayogera?" Mulaba, Ekigambo kwe kubikkulirwa.

125 Eŋŋaano eyo, eŋŋaano eyo ey'obuliwo bwe yatandika ku lubereberye, yalemererwa okukola okwagala kwa Katonda. Awo oluvannyuma waggyawo Eŋŋaano, Omwolesa wa Katonda omutuufu, Eyayolesa Ekigambo Kye mu bujjuvu bwakyo n'okutuusa nti Ye yali Ekigambo Ekyo. Awo Katonda n'Amuwa Omugole ku Pentekoote; naye Omugole oyo n'agwa mu ttaka okuyita mu mirembe egy'ekizikiza, ng'eŋŋaano ey'obuliwo bwe yakola, yagwa munda. Era lwaki teyalina kye yakola? Kubanga yali ekwekeddwa munda wansi mu ttaka, yalina okuvunda nga tennameruka okuleeta obulamu.

Naye olumu waggyawo kabona omutono, ng'erinnya lye ye Martin Luther, era n'amerusaayo Ekigambo kimu eky'amazima nti: "Omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza," ne waggyawo omutunsi; n'omutunsi omulala ne gumeruka, Zwingli, ate awo ne waggyawo Calvin ne Knox n'abalala okweyongerayo.

Ekisooka omanyi, N'ekyusa embala y'omutunsi n'edda mu mujunga. Kati ekyo nga kisingako okufaanana empeke eyasooka, naye ate nga si y'empeke eri eyasimbibwa mu ttaka, Awo Wesley naye n'ajja. Okuva mu Wesley ne waggyawo ekkanisa y'Abamethodist, era okuva mu ba Methodist ne waggyawo ba Nazaaleene, ne ba United Brethren, n'abalala okweyongerayo mu maaso. Kyakola ki? Kyaddayo mu ttaka nate ne kibala, ekifaanana empeke eyasooka, Pentekoote.

126 Kaakati, mugenderere Yesu, mu Matayo 24:24, "Mu nnaku ezisemba, emyoyo egyo ebiri giriba gifaanagana okutuusa nga kyandirimbye n'Abalonde bennyini oba nga kiyinzika." Kaakati empeke y'eŋŋaano eyo bw'evaayo okuyita mu mitendera ng'ekula, omulimi w'eŋŋaano yenna akimanyi nti efaananira ddala, empeke y'eŋŋaano. Naye ggwe tuulako wansi okikwate mu ngalo zo, okyabuluzeemu. Temuli eŋŋaano yonna munda, kisusunku kyokka. Naye munda muli, ng'okozesezza ekyuma ekitangaaza, olaba akatunsi akasirikitu, Yiiyo empeke ng'ejja. Kati ate ekisukunku kikola ki? Kikuuma mpeke, omusana omungi gwandibadde gugitta, kikuuma empeke eyo okutuusa ng'ekulidde ddala. Era empeke eyo bw'ekulira ddala, ekisusunku nga kigyesusumbulako. Naye mwali mukyetegerezza, nti empeke y'eŋŋaano evaayo awo, erina okuba nga ya kikula ky'ekimu n'empeke eyasimbibwa mu ttaka.

127 Oluvannyuma lw'okuzzibwa obuggya kwa Luther, waggyawo ekibiina, oluvannyuma lw'okuzzibwa obuggya kwa Wesley, waggyawo ekibiina. Oluvannyuma lwa Alexander Smith, John...Alexander Campbell, John Smith, n'abalala bonna, waggyawo ekibiina. Oluvannyuma lwa Pentekoote, ekyo ekifaananira ddala ekyannamaddala, naye nakyo kyafuuka kibiina. Kyakola ki? Kyesusumbula.

Tubadde n'okuzzibwa obuggya okw'emyaka kkumi n'etaano, tekibangawo wonna mu byafaayo byonna. Ate mwetegereze, mu kuzzibwa obuggya kuno okw'emyaka ekkumi n'etaano, kubunye wonna mu mawanga, era nga tewali kibiina kitandise nga kiva omwo. Kyali ludda wa?(Kyatandika enkuba eya ddumbi, ne kifiira mu...awo wennyini, ne kifa) Tewabaddeengawo kibiina kyonna ekivudde mu Kino. Lwaki? Y'empeke Yennyini, teriiyo kirala kijja. Era ekisusunku kyesusumbula, tewakyali nkolagana, teri akwagala. Lwaki kiri kityo? Kirina kuba Ekyo.

128 Lwaki ekkanisa eri yatandikibwa wali? Okukiwagira. Wa...Ani yandikolaganye nakyo? mu Baptist ki, oba mu Presbyterian ki, oba mu Lutheran ki eyandiwagidde olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa Kw'Obwakatonda? Kati amazima bwe gavaayo, kiki ekibaawo? Si ekisusunku; wabula Obulamu bwe bufuluma okuva mu kisusunku, ne budda mu mpeke, Obulamu obwannamaddala. Ekibiina kisigala awo, nga kifa, bwe gubaddenga mu buli mulembe, kikola ky'ekimu. Mmwe mwakivaamu ekyo emyaka ataano egiyise, ate ne mukiddamu nate! Naye Obulamu Obwannamaddala bugoberera mpeke, tuli ku nkomerero y'ebiseera, ab'oluganda.

129 Kyesusumbula lwaki? Kisobole okwanika empeke mu maaso g'Omwana, okugyengeza okutuuka nga nnyengevu ddala olwa Mukama Waayo. Lwaki kyesusumbudde? Kisobole, okuleeta okunyolwa mu mitima, n'amaziga, baleme okugalamira wansi w'e-n-j-u-b-a(Sun) naye O-m-w-a-n-a (Son), okusobola okwengera eri enjiri enzijuvu era eyannamaddala, n'okwoleka byonna Yesu Kristo bye Yasuubiza mu Baibuli. Waliwo Omubiri Ogusituka olwa leero mu bantu . Ate tewagenda kubeerawo bibiina birala, byo bigenda butereevu mu Lawodikiya engagga. Ebibiina bitutumukidde ku ki? Obukadde bwa ddoola, n'obukadde bw'emmeeme.

Era Omusumba Yava mu ki? Okununula baganda Be okuva mu busibe. Si-Simanyi; Katonda, Abeere naffe, Atuyambe. Mwekenneenye Ekigambo! Munoonye mu Byawandiikibwa! Mu byo tulowooza nti tulina Obulamu Obutaggwaawo, naye ate bye biweera Amazima obujulizi. Mulaba, Katonda Yagereka Ebigambo Bye eri buli mulembe. Omulembe guno lubeerera...

130 Yesu Yayogera ki lwe Yajja? Yayogera eri abantu abo, "Mmwe abannanfuusi! Mwe musiiga langi enjeru, era ne muzimbira ne bannabi entaana, ng'ate bajjajja mmwe be baabassaamu. Era muli baana ba bakitammwe. Era byonna bye baakola, nammwe mujja kubikola." Lubeerera kisigala bwe kityo, baganda bange.

Naye Yesu bw'Alijja olunaku olumu, Oyo Omusumba Omukulu ow'Endiga, okuva ku Pentekoote okuyita mu Luther ne mu mirembe egyo gyonna, abo abakkiriza Ekitangaala nga bwe Kyajja nga kiyita mu beetissi (tebakkiriza beetissi, naye bakkiriza Kitangaala; mulaba, baakifulumamu), Alijja okubanunula. Ndi musanyufu nnyo okuba nga nkimanyi nti Akomawo nate. Oh mwandyagadde okubalibwa okuba mu kibinja Kye? Oh mwandyagadde okubalibwa? Waliwo engeri ey'okukikola emu yokka, si mu kwegatta ku kkanisa, naye okuzaaalibwa mu Ye. "Era bonna Kitange be Yampa, Balijja gyendi, ate teri muntu yenna ayinza kujja nga Kitange Tamuyise." Mulaba, bwe kiri bw'ekityo, mukikkirize. Ye...Ye kye Kirabo kya Ssekukkulu kyokka kye mmanyi, Ekirabo kya Katonda kye Yawa ensi, Omwana We Omu Yekka Eyazaalibwa. Era nga y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Ekigambo. Mulaba? Mumukirize olwa leero, obujjuvu bwa Baibuli.

131 Ebyama ebyo omusanvu bwe...Okuyita mu Mirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, mwalimu ebyama ebikwekeddwa musanvu. Mpandiika kitabo ku Kyo. Era omukulu omu eyasomerera eby'eddiini jjuuzi, yaŋŋamba nti, "ow'Oluganda Branham..." Mulaba engeri Setaani gy'ayinza okukuwabisa okuva ku mulamwa? Yaŋŋamba nti "ow'Oluganda Branham, okimanyi? Nzikiriza Mukama Agenda kukubikkulira ekiddako kye tunaakola. Kwe ku..kijja kuba ekyama ekikulu ekikwekeddwa mu Nvumbo zino Omusanvu."

Ne muddamu nti, "Nedda, tekiri bwe kityo, ow'oluganda."

N'aŋŋamba nti, "Kijja kuba ekintu ekitawandiikiddwa mu Kigambo."

Ne mmuddamu nti, "Nedda! Nedda! Weerabidde nti, 'Oyo yenna an'ayongerako ekigambo ekimu, oba n'atoolako Ekigambo kimu kyokka.'" Mulaba, Kiri munda muli, naye abaddaabuluzi balemwa okukiraba, tebaawangaala ekimala okusobola okukiraba.

Era emirembe giweddeko kati, tuli butereevu mu Lawodikiya. Ate mujjukire, omulembe gwa Lawodikiya, Yali bweru wa kkanisa, ng'Akonkona, ng'Agezaako okuyingira: Kaawa yali akasuse Adamu we ebweru. Ai Katonda Otuyambe. Tusobole okugenda emitala w'olusiisira okumunoonya. Tuboneebone nga tuli ebweru wa wankaaki wamu naye. Tusobole n'okugenda gy'Ali mu kufa Kwe, mu kuziikibwa Kwe, ne mu kuzuukira Kwe; kubanga y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

132 Leka tuyimbeyo oluyimba lumu nga tetunnagenda. Muyinza okukikola ekyo? *Mmwagala.* Oyinza okutuwa eddoboozi, mwannyinaze? Bameka abamanyi oluyimba olwo olukadde? Nze...Bw'oba wali obaddeko mu nkuŋŋaana. Kale nze ndwagala.

Kati leka tuzibirize amaaso gaffe, lowooza ku Yakuwa. Tewali yali agwanidde, tewali yali ayinza okukikola okuggyako Ye. Era Yakka wansi, n'Afuuka omwana omuwere. Yafuuka omuvubuka. N'afuuka omubazzi, omusajja omukozi w'emirimu. Yafuuka Omwana gw'Endiga, N'Afuuka ssaddaaka. N'Azuukira nga muwanguzi, Yakuwa. Ate nga Musa bwe yaggyayo omukono gwe mu kifuba kye okuva ku mutima gwe, Katonda Yaggya Omukono Gwe okuva mu kifuba Kye (ekyama Kye) Omwana We eyakubwa n'endwadde y'ekibi, ekitawona; n'Aguzzaayo mu kifuba Kye Nate, n'Aguggyayo n'agwanjuluza ewuwo nange: "Yesu Kristo nga y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

Mumutunuulire kaakati.

Mmwagala, Mmwagala

Kubanga Ye Yasooka okunjagala

n'Angulira obulokozi

Ku muti e Kalivaaliyo

133 Bameka abamanyi nti kyalina kuba omusumba, mwogere nti "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, 'Amiina." - Omuk.] Kiteekwa! Lwaki omusumba? Kyalina kuba ekyo. Kati nga tuddamu okuyimba ekitundu ky'oluyimba kino, tuuka ku ludda lw'emmeeza. Waliwo ba Omumethodist, Omubaptist, Omulutheran, Omupresbyterian, Omukatoliki, ne bonna, nga batudde wano ekiro kya leero. Mukwateko mu ngalo, omugambe nti, "Mutambuze munnange, Ndi musanyufu nnyo okubeera wano naawe, ekiro kya leero." baako ky'obagamba. Bagambe nti, "Mukama Akuwe omukisa," nga bwe tulamusagana buli omu ne munne kaakano. Nga tuddamu okuyimba nate:

Nze...

[Ebbanga Ejjereere ku lutambi-Omuk.]

... obulokozi

Ku muti e Kalivaaliyo.

Kati leka tuzibirize amaaso gaffe era tuwanike emikono gyaffe, tumuyimbire:

Mmwagala, Mmwagala

Kubanga Ye Yasooka okunjagala

n'Angulira obulokozi

Ku muti e Kalivaaliyo

134 Ate kati, Katonda Talina mbala. N'olwekyo, leka tukoteke emitwe gyaffe era tumuumuunye oluyimba olwo kati, ng'abaana abato, muli baana ba Katonda. Temutunuulira nsi ky'eyinza kulowooza, muli mu kumusinza kaakano, nga musinza Kristo. Mukoteke emitwe gyammwe mumuumuunye oluyimba olwo. [ow'Oluganda Branham n'ekibiina bamuumuunya oluyimba *Mmwagala* - Omuk.]

Temuwulira nga mukuutiddwa? Nga kifaanana...waliwo ekisiimuddewo okubuusabuusa kwonna wamu n'ensi yonna ne bifulumira ddala? Mwewulira bwe mutyo? Muwanike ku mikono gyammwe, "Nze mpulira nga nkuutiddwa okukamala. Mpulirawo enjawulo. Mpulira mbadde ndya okuva mu ngalo Ze. Nnina...Ng'owoluganda bwe yawadde obujulizi wano nti, "Mmere, mmere y'Omusumba, emmere y'endiga." Ekyo Kye Kigambo.

135 Endiga za Katonda zirya ku Mmere Ye, " Omuntu taba mulamu lwa mmere yokka, naye na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Ate kye Kino wano, Baibuli. Tulya buli Kigambo, Si Ebigambo ebimu, Naye buli Kigambo ekifuluma. Oh ekyo tekibawaliriza okumwagala ennyo? Okukirowoozaako nti kati tulina Obulamu Obutaggwaawo! Si nti tujja kuba, Kati tuli baana ba Katonda. Si nti tujja kuba, Kati! Ate nga tutudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu. Ate omukutu gwa terefayina ogw'amaanyi, ogulaga nti eriyo empewo eziyita mu mikutu gy'omu bbanga n'ezireetera abantu (abatambula ku nsi) okulabibwa ku-ku ntimbe za ttivvi. Ekigambo kya Katonda ekikulu, Omwoyo wa Katonda Akwata Ekigambo kya Katonda, n'Ayoleka Yesu Kristo mu bifo eby'omu Ggulu eri endiga Ze, nti y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Si wa kitalo nnyo Oyo? Wa kitalo nnyo ddala! Katonda Abawe Omukisa.

136 Kati ka tuyimirireko akaseera katono. Olinayo omuntu agenda okusaba era awe omukisa? Kaaakati, mujjukire kino, mu kiseera kya Ssekukkulu, musinze Mukama Yesu. Mumusinze mu Maanyi g'okuzuukira Kwe. Era bwe mba nga nnyinza okufuna okuganja gy'oli (gwe, omusumba wo, ekkanisa yo, oba kyonna) ekiro tekikwatiira ddala enzikiza, enkuba tetonnyera ddala kuggwayo.

Ekiro kya luli (waliwo omukyala ayimiridde mu ffe wano) nnali nkwataganye ku bintu bingi, ne nsabira abalwadde n'ebirala okutuusa nga...Waaliwo omukazi wano ow'emyaka kinaana mu giigyo mukazi wattu eyali atabuse omutwe, era yali...yali alowooleza mu kufuna mwana oba bw'ekityo, yali atabuse omutwe. Era Billy, ng'ava mu wofiisi, nampita, n'aŋŋamba nti, "Taata, oyinza?"

Nnamuddamu nti, "Siyinza kati . waliwo abantu...Sirina bwe nnyiza kukikola."

N'aŋŋamba nti, "Taata, oyinza okugenda mu kusaba? Nja kubagamba nti oli mu kusaba."

Ne nziramu nti, "Yee." Era mu ddakiika eyo yennyini Omukazi n'atereera. Ne yeebaka, n'azuukuka ng'ali mu ntegeera ye entuufu; ne yeeliira n'ekyeggulo ky'enkoko ennamba, ng'ategeera bulungi. Omuntu abadde wano ng'akiweerako obujulizi eddakiika ntono eziyise.

137 Ow'oluganda Mack, mmulabyeko wano eddakiika ntono emabega, munda wano mu kkanisa. Wuuno wano, omu ku basumba, omusumba ow'okumpi wano. Ow'oluganda omwagalwa ennyo, ate bulijjo mbadde mmwagala nnyo ow'Oluganda Mack okuviira ddala nga ntandika obuweereza. Olwo nnamusisinkana...

Kati nnali wala nnyo eri e British Columbia; Ate okubalaga nga Katonda bw'Akola buli kintu olw'obulungi. Nnali mmaze okwebagala embalaasi, nga nzirayo mu ddungu gye nnali nnuŋŋamizza ekibinja ky'abayindi kyonna okudda eri Katonda; era nga bonna baakyusibwa, nga bafunye Yesu.

Ate olw'obunnabbi obwategeeza omulenzi oli omuyindi eyali abuliddwa embalaasi ye, emyaka ebiri egiyise, yabuulirwa wa we yali agenda okugisanga, era na wala kwenkana wa gye yali ow'okugisanga. Maama we yali afa ng'alumbiddwa endwadde y'omutima. N'awonyezebwa era n'alokoka. Era omulenzi ono okujja awo n'akiraba era n'okumanya nti...embalaasi ye yazuulibwa mu ngeri yennyini gye yali abuuliddwa, ne byonna.

138 Tewali Kigambo na kimu Katonda kye Yali Ayogedde ...Nga mbuuza omuntu yenna ku mmwe wano, “Yali ...mwali mumuwulidde ng'Ayogera ekintu kyonna, ekyo kye Yaŋŋamba okubabuulira, okuggyako ekyatuukirira nga ky'ekyo kyennyini?” Bwe kiba nga kituufu ekyo muddemu nti “Amiina.” [Ekibiina Kiddamu nti, “Amiina.” -Omuk.] Olaba? Mulaba? Mu butuufu ddala, tekiremererwangako n'omulundi ogumu.

Ate ow'Oluganda Mack yali agalamidde ng'ali mu ssaawa ye envannyuma, ne kiba nti mukyala we yakubira Billy essimu... Mukaamwana wange, n'amugamba...n'amubuuza gye nnali; omukyala oyo omutono omuntumulamu era... mukyala we. Kati ye... Olwo mukaamwana wange n'amugamba nti, “Ali wala eri mu bukiika obwa kkono bwa British Columbia mu lugendo lw'okuyigga.”

Kati amakya ago mu ngeri etaategeerekeka ne nkaluubirirwa okwebagala embalaasi okufuluma. Kati awo Billy n'ayogera nti, “Nzikiriza leka nziremu nkubire ab'eka essimu omulundi gumu nate.” N'agenda we bakubira essimu agikube. Era awo ne bakomawo nga badduka, nga n'omuyindi oli waali, oli omutono...ow'embalaasi eyali yabula, ne bagamba nti, “ow'Oluganda Mack afa era akuyita.”

139 Ne nvaawo awo, ne ŋŋenda mu kibira ne nfukamira wansi. Ne nsaba nti, “Katonda Omwagalwa, ewala eri mmayilo enkumi ssatu okuyita mu ggwanga, mu ssaza ly'omusana omungi ery'e Arizona, e Tucson, waliyo muganda wange, era ali mu mbeera ey'okufa, Onoomuyamba?”

Amangu ago ne wabaawo Ekyaŋŋamba nti, “Byonna biri bulungi.”

Era bwe najja eri ow'Oluganda Mack olunaku lwa luli, okwogerako naye, ne mubuuuza nti, “Ekyo kyaliwo ku ssaawa ki?” Yali essaawa yennyini mwe twagendera okusaba.

Oh, Ye..Si Mulungi ow'Ekitalo! Y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ndi musanyufu okukimanya nti mbeera mu Kubeerawo kwa Kabaka.

140 Leka tukoteke emitwe gyaffe kati, era ow'oluganda ow'omuwendo waali wano, Ow'oluganda Omuminsane, mukwano gwange, mmemba wa b'Assemblies of God, ow'Oluganda ow'omuwendo ali wano. Muyita , “Creechy.” Yayogedde ebintu ebirungi. Ow'oluganda Creech, Nkuyita bwe ntyo. Simanyi kya kwogera, oli muganda wange era muweereza munnange mu kubonaabona ku lwa Yesu Kristo mu lunaku luno olusemba, Mukama Akuwe Omukisa. Era ndowooza ow'Oluganda Tony yagambye nti gwe ogenda okusiibula abantu abababadde mu lukuŋŋaana ekiseera kino, nga bwe tukoteka emitwe gyaffe. Kale, jjangu.

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7